مركز المعلومات الإسلامية
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

Language L.59

# Luganda

Version Date: 2025




Part of the

**ISLAMIC e-LIBRARY**

Learn more about Islam with our informative and educational materials, translated to over 50+ languages

@islamicicdxb

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW
YESU: OMUBAKA WA KATONDA
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU
KURAANE ENTUKUVU
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# ENYANJULA KU BUSILAMU

LUGANDA (01/10) نبذة عن الإسلام FREE COPY

EBIKOLWA N'OKWENKANYA NKANYA KWENGERI Y'OBULAMU

OKUSEMBERERA N'OKUKWATAGANYA ENKOLAGANA NE KATONDA.

OBUTUKUVVU N'OBWELUFU BW'OKUKIRIRIZA MU KATONDA

OBUBAKA OBWA WAMU N'OBUTAYINAKO KKOMO KU BUDDE.


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae
الإمارات
THE EMIRATES
Your Path To Peace..
مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام
تصريح رقم: (2017/139)
دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department
www.islamicic.com

CONTENTS






# OBUSILAMU KYEKI?

Obusilamu kwe kukiriza n'okusiinza Katonda omu Owamazima. (Allah muluwalabu) Yyeka, n'okukiriza Nabbi Muhammadi (Emirembe jibeere kukye) nga omubaka asembayo.

Okugera geranya omuntu 1 ku 4 (23%) basilamu – era 2 obuwumbi basilamu.

Abagoberezi b'obusilamu bamanyikiddwa nga Abasilamu abasobola okuva mu mawaanga agenjawulo

# ENZIKIRIZA NE NNEYIISA

Katonda atukowoola ffe okutegeera Yye nga ayiita mu bu bonero Bwe. Katonda yabufula obuvunanyizibwa bwaffe okutendereza Yye. Kino kitundu tundu kubigezo bya buno obulamu nga, tewali muweendo gwabigambo biyinza kuleteera muntu kukiriza.

- ✓ Ebigendererwa
- ✓ Obwewoombefu & obwesiimbu
- ✓ Okwegendereza kumugaso gwaffe
- ✓ Okubeera omwanjulukufu ku bubonero bwa Katonda

- ✗ Okulamula n'enjawuukana / endowooza enkyaamu
- ✗ Okwewulira & okwematira.
- ✗ Okussa essira ku bintu by'ensi.
- ✗ Obutafaayo ku buli kintu nga ekitayina makulu.

# ENSONGA 1: ENTANDIKWA YY'ENSI

Ensonga esookera ddala eyo kukiririza mu Katonda ekwaata ku kwekenenya ensibuko yy'ensi.

Ensi yajja etya okubaawo?

- ✗ Yatandiika nga tewali kintu kyona? Watali kintu kyona, Tewali kyajja, Nabwekityo sibwekiri.
- ✗ Kiyinzika okuba nga ensi yye yetonda? Nedda, kino tekikola makulu. Kiba nga kugamba maama yye yeezala.
- ✗ Yaliwo kuva dda? Nedda okunonyereza kufundikira kugamba ensi siya lubeerera naye eyina entandiikwa.
- ✓ Yatonddebwa? Yye. Abasilamu bakiriza waliwo asinga ensi eya jitonda - ela nga ye katonda (Allah)

***Naye ani yatoonda Katonda?***

***Katonda teyatondwa. Tekiringa ensi n'ebitonde ebilara, Katonda tayina ntandiikwa, kuvadda yaliwo era tayina nkomelero.***

CONTENTS






# ENSONGA 2: ENTEEKA TEEKA YY'ENSI

Endala ensonga enyangu eyo kukiriza mu Katonda eri, kukulowooza ku ngeri ensi jeyasengekebwamu nga okugeza bino wamanga;

1. Ekintu kyona ekiseengeke kilaga magezi.
2. Amasanyalaze g'omusana masengeke mu kika kyawagulu
3. Enseengeka y'ensi elaga obukenkufu bw'omutonzi!

Ebintu binji mu nsi byoleka bulunji nti byateekebwa tekebwa nga byanjawulo muntonda okwongera okuwanilira obulamu. Ebipimo bino byali bilabibwa mungeri zanjawuulo kwekyo kyebiri kati, obulamu tebwandibaddewo. Ebyo kulabilako wamanga;

- *Emyaliriro jjempewo*
- *Obukwaffu bwo mwaliliro gw'ensi*
- *Omukka % mubanga*
- *Ebaanga eliriwo okuva kumusana*
- *Enkwatagana y'obunene bw'omusana, ensi ne njuba.*

Olowooza obwetolovuv b w'ensi bwa gwa bugwi nga tebuliko kalaba laaba? Kijjukilwe nga, nti obusilamu bukubiriza okuvumbula ne okwekenenya. Kiyamba ffe okunyonyola ffe kunyonyola obunji bwe migatte bwetulaba obwo Katonda bweyateeka mubutoonzi Bwe n'okusiima obuneene bwa manyi Gge na Magezi.

# ENSONGA 3: OKKUSA KWA KURAANE

Kuraane elaga

- *Temuli nsobi oba okuwakanya.*
- *Ntukuvvu era elambika okunyoyola kwa Katonda*
- *Entiiko y'olulimi oluwalabu obulungi bwa lwo.*
- *Yyaka nga eyita ku Nabbi Muhammadi eyali tamanyi kusoma.*
- *Yakuumibwa – nga tewali kijjidwamu kumala emyaka*
- *1400 Yyekanya nnyo eneeyisa y'omuntu*
- *Yyakwatibwa mitwe obukadde bwa bantu.*
- *Erimu ebikakafu ebyaali tebimanyikidwa kiseera ekyo.*

***"Ne mu nsi mulimu obubonero (obwa buli ngeri obulaga obuyinza bwa Katonda) eri abategeera (ne bakakasa obukkiriza bwabwe), Ne mu mmwe bennyini"***


Kuraane 51:20-21

CONTENTS

































# YANI KATONDA?

Ekimu ku kubirungi by'obusilamu kwekuba nga okiriza obujjuvu bw'obutukirivu, obwa waggulu ne obwenjawulo bwa Katonda tebuliko ndagaano.

- Katonda ali omu era wanjawulo era tayina amuvuganya, beyegatta nabo yadde abaana.
- Katonda yagwanidde amateendo gonna mbulambulukufu ne mbuyitirivu (tewali kayungilizi)
- Katonda mutukirivu era tayina bukenddevu – tayina kkomo oba bunaffu.
- Katonda y'owekisa ekinji – Yamanyi nti tetuli batuukirivu era twonona, newankubadde ekisumuluzo lubeelera kwe kukiriza ensobi zaffe era bwetowaze netusaba ekisonyiwo.
- Tewali kitunddu kya Katonda kiriwo mbutonzi Bwe yadde ebilala kye'kimu nga ebili mu bitonde bye.

Bwetuba tugeezako okutegeera ekifananyi kya Katonda mbusilamu, kyamuggaso nnyo okwogeera kukubaawo kwa Jesus nga owekitiibwa omutuume era Omubaka wa Katonda, naye abasilamu tebamusiinza – kuba okusiinzibwa kwa Katonda yyeka oyo eyatoonda Yesu neebyo byona ebiriwo. Okugeza, okukiriza kwa Yesu nti ye katonda, oba nti mwana wa Katonda oba nti kituundu ku bassatu, mbulambulukufu kikontana na mazima amasomese aga Katonda mbusilamu.

***Singa Yesu yye yali Katonda, yali asaba ani?***

Yesu yazaalibwa, yalya, yyebaka era yayina ekkomo kukutegeera – ebyo byona ebiteendo tebijja mu Katonda. Katonda ayina ebiteendo ebyo butukirivu ate omusajja byatayina.

***Katonda ayinza atya okubeela nga talina bukendeevu ate nga mukiseela ky'ekimu mukendeevu?***

Yesu yazaalibwa, alya ela yeebaka, ela nokumanya kwe kulina ekkomo, ebyo byonna bitendo katonda tabilina. Ebitendo bya Katonda byonna bijjuvu ate ebya bantu bijjudde obukendeevu.

***Kitegeezaki ekigambo "Omwana wa Katonda" amakulu agaddala?***

Twesanga nga ekigambo "Omwana wa katonda" nga kekaboneero akakozesebwa nga edda mululimi lwa Bayibuli kwo "omuntu omutukuvvu" kulwa bantu baani – nga tekuliiko Yesu. Katonda aliwala yajjibwa mukubeera nga alabwako n'okubeera n'omwana.


***Katonda bwaba asobola okola ekintu kyona? Lwaki tasobola kufuuka musajja?***

***Katonda ebbanga lyona akuumye ebiteendo by'obutukirivu era takola kintu kyona kimenyawo butukirivu buno, Katonda takola kintu kitali kya bwa katonda. Nabwekityo, singa Katonda afuuka omusajja era natwaala ebiteendo by'omuntu, yandibadde takyali Katonda.***

CONTENTS























| ABABAKA BANJI | OMULIMU GUMU |
|---|---|
| ***Nabbi Adam - Nabbi Nuuwa - Nabbi Ibrahim & Nabbi Musa - Nabbi Isa - Nabbi Muhammadi - ne ba Nabbi abalala ebyengera bibeere ku bonna*** | • Kukkatiliza Okukiliriza mbwomu bwa Katonda.<br>• Okuwakanya ba katonda b'obulimba n'enzikiriza.<br>• Okulaga butya bwebasinzamu<br>• Okubeera ekyo kulabilako ekirungi<br>• Okunnyo nnyola empeera y'obwetowaaze (Jjana).<br>• Okulabula – ekibonerezo kya bajjemu (Geyyena) |

Katonda yasindiika ababaka mbuli nsi ebanga lyona n'obubaka bwebumu obwamakulu – kusiinza Katonda omu owa mazima. Newankubadde abasilamu bagala era bawa ekitiibwa ababaka bonna, tebabasiinza yadde ebiteendo bw'obwa Katonda jjebali, kino kidda eri Katonda.

## OMUGGASO GW'OBULAMU

Katonda, Omumanyi wabyona, teyatutonda ffe kubeera awo nga tetuyina mulamwa oba kutukiriza byetaago byaffe n'okwegomba.

Wabula, tuyina ekigendelerwa ekya manyi – kutegeera na kusinza Katonda Yyeka, nabwekityo tusobole okuwangalira kubulungamu bw'omutonzi. Buno obulungamu butuyamba ffe okuwangala nga tuli batebenkevu n'oku kkula kkulana mbulamu mu mbeera zona.

Ebimu ku bilaga Amagezi Gga katonda agatabalwa nti Yye yatonda ffe era natuuwa ffe omukisa okumanya Yye n'okutegeera obulamu bwaffe n'okukola okusalawo kwaffe.

Obusilamu bujjuvu era bwa bikolwa mungeri obulamu jjebu somesamu abasilamu olubeerera nga benkana kkana, nga beewa ekitiibwa n'okubeera nga bongera omuggaso jebawangalira. Okukiriza kw'okisiinza mbusilamu tekwekuusa ku kusaala na kuteendereza Katonda. Kunnyonyola ku ggazi okulimu okikolwa kyona Katonda kyasanyukira nakyo. Mubyo kulabirako mulimu;


- Okukola emirimu emituufu
- Okuwakkanya obusosoze
- Okulabilira ba mulekwa
- Okuddabiriza wetuwangalira
- Okuba n'obuguminkiriza n'obuntu bulamu
- Okuba abomuggaso eri ekitundu
- Okuwa abazadde ekitiibwa
- Kuyimirira ku bwenkanya
- Abekisa eri emirilwano
- Okubeera nga tulowooza ku Katonda
- Okugabilira ab'enju zaffe
- Okwogera amazima

Ebikolwa by'okusiinza Katonda byetaga ebigendelerwa ebyaddala okusanyusa Katonda era bitekeddwa okuba nga bikoleddwa muntu okusinzila ku busilamu bwe bulambika.

CONTENTS

























# KIKI OBUSILAMU KYE BWOGERA KU...

Bakyala: abakyala bayina ekitiibwa kyawagulu mu busilamu. Bayina kuyisibwa na mukwano, kugulumiza na kitiibwa. Bebaagalwa ba baami era tewali kusosolebwa okuyinza okubakolebwako.

Obutujju: obusilamu bugaana okusoonga mubantu abatayina kyebakoze nga tebuffudde kunzikiriza. Newakubadde, okulwana kukirizibwa mubusilamu ku mazima ne kunsonga za mazima okugeeza nga okukuuma obulungi bwe kitundu, okutaasa okusosola obutasasaana n'okutumbula obwenkanya.

Emmere ekirizibwa: Emmere ekirizibwa yyeyo ekirizidwa abasilamu okulya. Kya tteeka okusala ebisolo ne binyonyi mumbeera ennunji awatali ku bilumya nyo, nga erinnya lya Katonda litekeddwa okwo gerwa mukaseera ko kusala.

Enkyuuka kyuuka: Katonda yatoonda omuntu mukusooka, Adam, mukikula ekisembayo – (nga muntu mujjuvu) – wabula ssi nti omuntu yava mu ku maziike.

Kino tekisobola kukirizibwa buterevvu oba kuwakanyizibwa na sayansi kubanga kino kya kya kyewuunyo era nga kyekisoose bya sooka ebyaliwo – ebyamagero.

Nolwekyo, kiri wala no'kubeelanga ensonga eyo enonyerezebwa.



CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW — KIGWANA OKUMANYA OMUSAJJA ONO
YESU: OMUBAKA WA KATONDA — Abasilaamu Baagala Yesu (Nabbi Isa)
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU — Tewali kintu kyona kya'manyi kusinga Mutonzi
KURAANE ENTUKUVU — Obubaka obwasembayo okkuka eri abantu
KIGENDERERWA KI MU BULAMU? — Nava wa? Era lwaki ndi mu bulamu buno? Era ndaga wa oluvannyuma lw'okufa?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU — KIKI KY'OMANYI DDALA KU BUSILAMU (OBUSILAMU KYEKI)?
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU — Aweebwa ekitiibwa, agulumizibwa era wa bbeeyi.
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# NABBI MUHAMMAD SAW

LUGANDA | (02/10) | النبي محمد عليه الصلاة والسلام | FREE COPY

## *KIGWANA OKUMANYA OMUSAJJA ONO*


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

تصريح رقم:
(2017/139)

دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department

www.islamicic.com

CONTENTS






# MUHAMMAD SAW Y'ANI?

> *"Mu butuufu mulina eky'okulabirako ekirungi ekirungi mu Mubaka wa Allah, eri oyo asuubira (akakasa) okusisinkana Allah (n'okutuuka) ku lunaku lw'enkomerero".*
>
> Kuraane 33:21

Abasiraamu bakkiriza nti Nabbi SAW y'ennyingo eyasembayo mu lunyiriri lwa Bannabbi oluwanvu, (abo) Allah be yatuma olw'okukoowoola abantu okusnza Allah yekka. Era olunyiriri luno luzingiramu Bannabbi , nga mu bo mulimu Adam, Ibrahim, Ismael, Yusuf, Musa, Dauda, Sulayiman ne Issa, okusaasira n'emirembe bibe gye bali.

Nga Abasiraamu bwe bakkiriza nti Musa yassibwako Taurat (obubaka obutali bukyuse-

kyuse), era nga bwe bakkiriza nti Issa (AS) yassibwako Enjili (Injeel), mu ngeri y'emu (era bakkiriza) nti ne Nnabbi SAW yassibwako Quran annyonnyole abantu ebyassibwa gye bali kyaddaaki ne batya Allah).

Era maama w'abakkiriza, Aisha (Ra) yabuuzibwa okunnyonnyola Nnabbi (SAW) n'ayanukula nga'gamba nti: "Yalinga Quran etambulira ku nsi", amakulu nti yalinga aggyayo enjigiriza za Quran mu bulamu bwe obwa buli lunaku, era tujja kutangaaza mu biddako engeri Nabbi (SAW) gye yavvuunulamu enjigiriza za Quran ez'ekitiibwa n'azizza mu bwannabbi obw'ekitiibwa.

# MISSION Y'OKUSAASIRA

> *"Tetwakutuma okuggyako nga oli kya kusaasira eri ebitonde"*
>
> Kuraane 21:107

Okukoowoola kwa Nnabbi (SAW) tekwakoma ku kuyigiriza bantu Swala na Zaka byokka, wabula yalinga SAW nate era abayigiriza nti obukkiriza bw'omuntu eri Katonda buteekeddwa okubugirizibwako okukyusa ku nkolagana ye n'abantu abalala. Omubaka SAW yagamba nti: "Asinga obulungi mu mmwe y'oyo abasinga empisa ennungi".

Ebigambo bya Nnabbi SAW byaddiringana lunye ku kakwate wakati w'obukkiriza n'ebikolwa, mubyo nga kya kulabirako kye kigambo kye: **"Yenna abeera nga yakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, era yenna abeera nga yakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero awe ekitiibwa omugenyi we, ayogerenga birungi byereere oba asirikenga (busirisi)".** Bukhar (1018).

Era (oyo) ow'enkomerero mu Babaka (okusaasira n'emirembe bibeere kuyye) yali yasomesa okusaasiriganа wakati w'abantu, n'okuwangana ekitiibwa, n'agamba nti: **"Atasaasira naye tasaasirwa".** Bukhari (5997).

Ate mu njogera endala, abamu ku Baswahaba ba Nnabbi SAW

CONTENTS






baamusaba asabe Allah afukumulire Abashiriku ebibonerezo bye, n'ayanukula nti: **"Mazima nze saatumwa nga ndi mukolimi wabula natumwa nga ndi kya kusaasira".** Muslim (6599).

# OKUSONYIWA

*Allah yagamba nti: "Basonyiwenga era tebanonooza nsobi , era basonyiwe ,abaffe mmwe temwagala Allah kubasonyyiwa"*

Kuraane 24: 22

Nabbi SAW ye yali asinga abanru bonna okusonyiwa era nga y'abasinga omutima omulungi, oli bwe yamunyiizanga nga amusonyiwa, era okumunyiiza gye kwakomanga okweyongera nga naye gy'akomya obugumiikiriza. Yalinga muyitirivu wa kwerekereza na kusonyiwa, okusingira ddala bwe yabanga nga ye waamaanyi.

Era yalinga atendebwa n'ekitendo ky'okusonyiwa n'okwerekereza, era tewaabangawo kulumbagana yadde okuyisa banne obubi ne bwekyabanga nga ekimukoleddwa kyalibadde waggulu wa kusonyiwa. Era yali eky'okugoberera ekirungi mu kusonyiwa, nga agoberera ne ssekugoberera yenna ekigambo kya Allah:

**"Sonyiwanga era olagirenga okweyisa obulungi era weesambe ababuyabuya."**

Kuraane 7:199

# OMWENKANONKANO

*"Mazima abasinga ekitiibwa mu mmwe y'abasinga okutya (Allah)".*

Kuraane 49:13

Mu Hadiith eziddako, Nabbi SAW yayigiriza abantu bonna engeri gye benkanankana mu ngeri Allah gy'abatunuuliramu gy'ali.

Yagamba SAW: **"Mzima jajja wamwe ye Adam, ate Adam yava mu ttaka, Omuwalabu talina kya nkizo (ky'asukkuluma) ku munnamawanga, yadde omuddugavu ku mweru, okuggyako (ekimussukulumya) kutya (Allah)".** Ahmad (23489).

Era nate yagamba: **"Mazima Allah oyo eyayitirira okuba waggulu, tatunuulira bifaananyi byammwe yadde bya bugagga byammwe, wabula atunuulira mitima gyammwe na mirimu gyammwe''.** Muslim (2564).


Kyayogerwa nga omu ku Baswahaba ba Nnabbi SAW yagenda n'ayita munne omulala mu ngeri eyali tegwanidde nti: **"Owange mutabani wa kaddugala!"** Nabbi SAW n'anyiigira ekintu ekyo namugamba nti: **"Omutyobodde lwa nnyina? Mazima ggwe olimu olinamu embera za'babuyabuya (ezo'butamanya".** Bukhar (30).


# OKUSONYIWAGANA

Ow'enkomerero mu Bnnabbi SAW yayogerwako mu kumunnyonnyola nti: **"Yalinga tasasula kibi na kibi, naye yasonyiwanga ne yeerekereza".** Al Bukhar (4838).

CONTENTS



























Era mu ngeri y'emu (mu kusonyiwa) bw'atyo bwe yalinga akolagana n'oyo atyobodde ekitiibwa kye oba eyabanga amulumbye yye nga omuntu.

Era mu nsibuko (z'ebyafaayo) by'Obusiraamu mulimu embeera eziraga nga muzo Nabbi SAW yalinga asobola okuwoolerereramu eggwanga (okwesasuza) eri abo aba'banga bamukoze obubi oba ababa bamuyisizza obubi, wabula n'aba nga yeefuga era n'asonyiwa.

*"Ekibi tekyenkanankana na kirungi, zangayo (ekibi) na kikisingako bulungi, kyaddaaki oyo abadde n'obulabe wakati wo naye nga ate ye mukwano gwo nfanfe".*

Kuraane 41:34

Era yalinga ayigiriza abantu obugumiikriza mu kwenganga ebizibu n'obutyabaga, n'agamba nti: **"Omuzira (owannamaddala) ssi y'asinga okumegga ebigwo, wabula omuzira (owannamaddala) y'oyo eyeefuga bw'abanga anyiize".** Bukhaar (6114).

Okwewunda n'obukkirikza n'okusonyiwagana tekitegeeza Musiraamu kubeera munafu atasobola na kwerwanako mu mbeera nga alumbiddwa, anti Nabbi SAW yagamba nti: **"Temwegombanga kusisinkana mulabe, musabenga Allah abawonye, naye bwe mubanga mumusisinkanye, (munywerenga)" Mugumiikirizenga.** Bukhaar (2966)

# OBUKWATAMPOLA

Omu ku Baswahaba ba Nnnabbi SAW oluvannyuma lw'okumuweereza emyaka kkumi yamwogerako nti lubeerera yalinga mukwatampola gy'ali, yagamba nti:

**"Teyangambako olw'ekintu kye nnabanga nkoze nti singa wakikoze bw'oti ne bw'oti, ate era kye nnabanga sikoze teyangambako nti:abange singa wakikoze bw'oti oba bw'oti".** Musnad Ahmad (127884). Era yeyali asinga abantu bonna okulaga omukwano.

*"Era lwa kisa, ekingi ekyava eri mukamawio kye wava oba mugonvu gye bali, sina wali wa bboggo omukalubo w'omutima baalikudduseeko"*


Kuraane 3:159


Era emu ku mbeera eziyinza okwogerwa ku mbeera eno, kwe kuba nti omu ku bakyala be bwe yanyiga omu ku bakyala be n'abaako omuntu gwe yasabira obubi eyanyomera Nnabbi SAW mu maaso ge, yamubuulirira SAW n'amugamba nti: **"Mpolampola Aisha! Mazima Allah Mukwatampola era ayagala nnyo obukwatampola mu buli nsonga".** Bukhar (6024).

Era yagamba SAW nti: **"Obukwatampola tebuyinza kubeera mu kintu okuggyako nga bukiwunda (bukinyiriza) ate tebusobola kuggyibwa mu kintu okuggyako nga kukibijjisa".** Muslim (2594).

CONTENTS

























# OKWETOOWAZA

Nabbi SAW lubeerera yalinga agaana abantu okuyimiria nga bamugulumiza, era yali nga atuula abantu webasembela mulukunga'nanga naye w'atuula, era teyayambalako na lumu lugoye lumwawula ku Baswahaba be (Allah abasiime). Yalinga yemanyiiza okwetaba n'abaavu, abankuseere, nabwekityo okutuula n'abantu abakulu (abazeeyi) n'okuyamba bannamwandu, nga kumpi abo abatamumanyi tebamwawula ) ku banne nga atudde mu makkati gaabwe.

*Allah yagamba: "Era abaddu ba Allah (abalungi) beebo abatambulira ku nsi nga bagonvu era nga singa ababuyabuya boogedde nabo, nga babagamba (bugambi) nti mirembe".*

Kuraane 25:63

Era yagamba SAW nga agamba Baswahaba be nti: **"Mazima Allah yampeereza obubaka (nga bugamba) nti: Mwetoowazenga, omu mu mmwe alemenga kwewulirira ku munne era alemenga kulumbagana munne".** Muslim: 2865.

Era ebimu ku biraga obwetoowaze bwe, kwekuba nga yatyanga nnyo okumusinza n'otasinza Allah, era n'agamba nti:

**"Temunsuutasuutanga nga Abanaswaara bwe baasuusuuta Issa mutabani wa Mariam, nze ndi muddu, mugambenga nti (ndi) muddu wa Allah era Omubaka we".** Bukhar (3445).

# OMWAMI OMUFUMBO OMULUNGI

Maama w'abakkiriza, Aisha RA, omwagalwa w'Omubaka wa Allah SAW yagamba nti: **"Nabbi SAW (awaka) yalinga abeera mu kuweereza bantu be (bakyala be), yalinga atunga engoye ze (nga ziyulise), era nga akuba ebiraka engatto ze, era nga akola awaka'we nga omu mu mmwe bw'akola awaka we".** Musnad Ahmad: 25341).


*Allah yagamba nti: "(Abakyala) mukolaganenga nabo bulungi".*


Kuraane 4:19

Era Nabbi SAW yalinga teyeeyisa bulungi eri bantu be bokka, wabula yakubirizanga ne Baswahaba be bamugoberere era bakwate obuwufu bwe, n'agamba nti: **"Mu bakkiriza abasing obukkiriza, y'oyo abasinga empisa ennungi era abasinga okukwata empola abantu be (bakyala be)".** Musnad Ahmad (24204).

CONTENTS

























# EKY'OKULABIRAKO EKIRUNGI

*Allah yamwogerako nti: "Mazima ggwe oli wa mpisa za waggulu nnyo".*

Kuraane 68:4

Ebyo nno byonna ebiwedde, kubadde kusiinya busiinya bulamu bwa Nnabbi Muhammad SAW . Abantu abamu kiyinza okubasukkako, abo abassaawo endaba yaabwe ku Busiraamu, nga bayita mu kukyusakyusa okw'omuddinganwa, nga bayita mu mikutu gy'empuliziganya egy'enjawulo, nga boogerera Nabbi SAW, kiyinza okubasukkako singa bamanya embeera (entuufu) nge'zo ezoogeddwa eziraga okulumilirwa n'ekisa (ebya Nnbbi Muhammad) SAW.

Era kikulu nnyo okuba nga singa tuba twagadde okutegeera Obusiraamu, kikulu nnyo okuba nga tugenda butereevu mu nsibuko zaabwo ez'ennono; Quran ,oba ebigambo n'ebikolwa bya Nnabbi Muhammad SAW, era tekiba kya bwenkanya oli okulamula ku Busiraamu nga ayita mu bintu ebyakyusibwakyusibwa ebikyamu.

## ABATALI BASIRAMU BAAMWOGERAKO KI?

Mahatma K Gandhi, omuduumizi, munnabyabufuzi era eyali omukulembeze mu by'omwoyo mu kisinde ky'okulwanirira obwetwaze bwa Buyindi yagamba nti: ***"Obwangu bw'Omubaka nga kw'otadde obwegenderzaabwe n'amazimage mu kutuukiriza ebisuubizo, n'okwemalira (abantu be), n'obumalirivuubwe mu kwerekereza eri mikwano gye n'abagoberezi be, obuzira bwe n'obwesigwa'bwe obutaliiko kkomo mu Katonda we ne mu bubaka bwe, ebitendo bino bye byamwanguyiza okutema oluwenda lw'ekkubo, ne yenganga ebizibu, sso tekyali kitala".***

Ate yye omuwandiisi omukukunavu Omungereza, Benad Shawu yakyasunguza kaati n'agamba nti: ***"Ensi nga neetaavu nnyo leero eri omusajja nga Muhammad asobole okugonjoola ebizibu byayo. Bannaddiini mu mirembe egy'awakati, nga kyava ku butamanya na ku kyekubiira, baasiiga ekifaananyi ekikutte ekizikiza ku ddiini ya Muhammad, baalinga bagitwala nga mulabe eri Obukulisito, naye nze natunuulira n'obwegendereza eddiini y'omusajja ono, era nagisanga nga kyewuunyo era nga kya magero, era natuuka ne nkiwunzika nti ssi mulabe eri Obukulisito, wabula erina kuyitibwa omuwonya w'abantu, era mu kulaba kwange ndaba nga singa leero efuga ensonga z'ensi eno, yaalisobodde okugonjoola ebizibu by'ensi eno, nga yeeyambisa ebireeta emirembe n'okwesiima ebyo kati abantu byebaluubirira. Singa ensi ya Bulaaya efugibwa omusajja nga Muhammad, yaaligiwonyezza ebirwadde byayo byonna, wabula asana kuyitibwa omuwonya w'abantu".***

HOTLINE
+971 56 204 2045
islamicicdxb
islamicic.com info@islamicic.com +971 4 355 5223
DOWNLOAD LUGANDA FLYER
www.iicdxb.com/luganda

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU

NABBI MUHAMMAD SAW — KIGWANA OKUMANYA OMUSAJJA ONO

YESU: OMUBAKA WA KATONDA — Abasilaamu Baagala Yesu (Nabbi Isa)

AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU — Tewali kintu kyona kya'manyi kusinga Mutonzi

KURAANE ENTUKUVU — Obubaka obwasembayo okkuka eri abantu

KIGENDERERWA KI MU BULAMU? — Nava wa? Era lwaki ndi mu bulamu buno? Era ndaga wa oluvannyuma lw'okufa?

ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU — KIKI KY'OMANYI DDALA KU BUSILAMU (OBUSILAMU KYEKI)?

EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU — Aweebwa ekitiibwa, agulumizibwa era wa bbeeyi.

EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE

OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# YESU:

## OMUBAKA WA KATONDA

LUGANDA (03/10) النبي عيسى عليه الصلاة والسلام FREE COPY

***Abasilaamu Baagala Yesu (Nabbi Isa)***


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

تصريح رقم:
(2017/139)

دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department


www.islamicic.com

CONTENTS
































Yesu ye muntu ayagalwa era amanyiddwa obuwuumbi bwa'bantu okweetooloora ensi yonna, kyokka nga waliwo okubuzaabuzibwa ku mbeera ye eyo'buntu. Abasilaamu na'batali basilaamu bonna bawa yesu ekitiibwa ekya'wagulu naye nga bamulaba mundaba yanjawulo.

Akatabo kano kagenderera kulongosa nsonga zeetooloolera ku Yesu: Yesu yali Katonda, oba yasindikibwa Katonda? Yesu omutuufu yaani ?

# YESU NGA KATONDA

Abantu abatali basilaamu abasinga bagamba nti ***"Yesu ye Katonda"*** oba mbu kitundu ku basatu – era nti kifaananyi kya Katonda wano ku nsi, era mbu Katonda gweyakozesa nga ekifaananyi kye munkula y'omuntu. Naye awamu n'ekyo,okusinziira ku bayibuli, Yesu yazaalibwa, ela alya emmere,anwa, ela yeebaka, asaba ela okumanya kwe Kulina wekukoma, ebitendo bino byonna tebigwaanira Katonda. Katonda ayina ebitendo eby'obujjuvu sso nga omuntu ali kyennyume kyekyo. Ekintu ekimu ate kibeera kitya mu byennyume ebibiri ate mu kiseera kye'kimu?

Obusilamu busomesa nti Katonda mutuukirivu ebbanga lyonna. Okukkiriza nti Katonda yafuuka omuntu kitegeeza nti Katonda ali oba yali mukendeevu, ela alina ebitendo ebikendevu, ebyo byonna bili wala okubeera ku Allah. Omukurisitaayo ayina okwebuuza yye (omusajja/omukazi), nti kyo'gamba katonda yaliko nga omwaana omuto nga munafu, oba nga omuntu atasobola kubaawo ewatali mmere, ebyo'kunwa oba okweebaka, mukiseera kye'kyimu na'beera Katonda owa'waggulu oyo anyonyolwa mubyawandiikibwa ebyasooka? Ddala nedda.

Omu ayinza okubuuza, ***"bwaaba Katonda asobola okukola buli kimu, lwaaki tafuuka omusajja?"***

Mukunnyonyola, Katonda tasobola kubeera nanneeyisa nga ya'bitonde, nabweekityo singa Katonda afuuka omusajja era naafuna ebitendo byo'muntu, yandibadde tasigala nga Katonda.

Ezimu ennyiriri eziwakanya mu Bayibuli zisobola okuteekebwaamu mubukyaamu okusobola okulaga nti Yesu mungeri emu oba endala ye katonda. Naye bwetutunuulira ennyiriri ennambike obulungi mu Bayibuli, tulaba era neera nti Yesu annyonyolwa nga muntu wabulijo era tewali kisingako awo. Bayibuli erimu ennyiriri nyingi ezoogera ku Yesu era nga yye kennyini alaga nti Katonda wanjawulo okuba yye. Okugeza nga:


- ***Yesu "yavunnama kukyenyi kye na'saba."*** (Matthew 26:39) Singa Yesu yali Katonda, Katonda yandivunamye kukyenyi kye na'saba? Era yandibadde asaba ani?
- Bayibuli eyita Yesu Nabbi (Matthew 21:10-11), kaakati Yesu yandibadde atya nga ye Katonda era nga nabbi wa Katonda mukiseera kyekimu?

CONTENTS

































- Yesu yagamba, ***"Ggenda wa taata wange, lwasonga taata wange waawaggulu okusinga nze."*** (John 14:28)
- Yesu yagamba, ***" nze nzila eri kitange, era kitamwe, n'eri Katonda wange era Katonda wamwe."*** [John 20:17] Singa Yesu yali Katonda, lwaki yandibadde agamba, ***"eri Katonda wange, era katonda wamwe,"*** era yali adda wani?

Singa Yesu yeyali Katonda, yandibadde butereevu agamba abantu bamusinze, era wandibaddewo ennyiriri ezoogera kino; kyoka nga yakola kyennyume kya'kino era naawakanya omuntu yyena asinza yye: ***"Era mubukyaamu basinza nze."*** [Matthew 15:9]

# "OMWANA WA KATONDA"

Abakurisitaayo abasinga bagamba nti Yesu mwana wa Katonda. Kino kitegeezaki ddala? Mubutuufu Katonda ali wala n'okuba nga ayina omwana. Abantu bayina abaana, era kino kigendera ddala kubitonde byonna. Kitegeezaaki ddala Katonda okuba n'omwana?

Mubutuufu Katonda ali wala n'okuba nga ayina omwana. Wabula, ekigambo kino ***"Omwana wa Katonda"*** kabonero akaakozesebwa nga edda mu lulimi lwa bayibuli ***"kubantu abatuukirivu"***. Kya'kozesebwa nga mumpandiika enkadde kubantu abatuukirivu nga Dawudi, Sulaiman ne Isa ela nga ssi ku yesu yekka. ***".......yakuubu ye mwana wange asooka,"*** (Exodus 4:22). Ekya'mazima, oyo yenna akola obulungi atwaalibwa nga mwana wa Katonda: ***"oyo yenna akulemberwa omwoyo gwa Katonda aba mwana wa katonda."*** [Romans 8:14]

> ***"Tekisaana eri katonda okweteerawo omwana. Okwawulwa kukwe.Bw'aba asazeewo ekintu kyonna agamba bugambi nti:"Beera" ne kibeera "***
>
> **Kuraane 19:35**

# "KATONDA NO'MWANA"

Mungeri yeemu, ekigambo "taata" tekyeetaaga kitwalila ku makulu ga'kyo ago'kungulu. Wabula, yengeri elinga eyo'kugamba nti Katonda ye mutonzi wa'buli kimu ela yemugabirizi. Waliwo ennyiriri nyingi kwetuyinza okutegeerera amakulu ge'kigambo 'taata', okugeza: Katonda omu ne Pattiri kulwabonna." [Ephesians 4:6]

Ne'kisinga kwe'kyo, Yesu ebiseera ebimu abayizi be baamuyitanga 'omulezi'. Ekigambo kino kikozesebwa mululimu olwasooka olwa Bayibuli, ku Katonda ne kubantu abayina ekitiibwa ekyawaggulu. Okugeza nga, mu Gurik ekyawandiikwa ekipya, ekigambo "Kyriosis" kikozesebwa ku 'mulezi' n'okutuuma nanyini nimiiro (Matthew 20:8), n'okutegeeza oyo omukulembeze akuba omuweereza we aba yeeyisizza obubi (Luka 20: 42 – 47).


Mubitundu ebilala ebya enjili(ekitabo), Yesu ayitibwa 'muweereza' wa Katonda okuva ku bagoberezi be: "Katonda wa bakitaffe, yagulumiza omuweereza we Yesu." [Acts 3:13]

CONTENTS

































Kino butereevu kilaga nti ‘omulezi’ kikozesebwa kutegeeza Yesu, linnya litegeeza kitiibwa, ssi kufuula muntu katonda.

# YESU: NABBI

Abayudaaya bawakanya ekigambo ekigamba nti yesu yemasiya alindiliddwa. Kino kikontanira dda nabakaturiki bbo abamusinza obusinza nga Katonda, oba nga omwana wa Katonda. Obusilamu bwo butwala kya wakati era Yesu atwalibwa nga Nabbi owekitiibwa era omubaka wa Katonda, ela ye masiya omulindwa naye abasilamu tebamusinza – okusinzibwa kwa Katonda yeka oyo eyatonda Yesu n’ebyo byonna ebiri kunsi.

***“Yesu (nga muwere) n’agamba nti: Mazima nze ndi muddu wa Katonda. Ampadde ekitabo (Enjili) era n’anfuula Nabbi.”***

Kuraane 19:30

# OKUZALIBWA KWE OKWAMAGERO (NABBI ISA)

Okusinzira ku Kuraane, Malayika Jibrel yasindikibwa eri Maria, eyali mbeerera, (malayika Jibrel) yajja mukifaananyi kyo’musajja, nga amutegeza nti yali wa’kuzaala mwana mungeri eye’byeewuunyo nga talina taata.

***Malaika n’agmba nti: Mazima nze ndi mubaka okuva ewa Mukama wo, nzize nkugabire omwana omulenzi omutukuvu. N’agamba (Mariamu) nti: Ngeri ki bwennaafuna omwana omulenzi nga sinnalabagana na musajja yenna, era nga sibangako malaaya? Malaika n’agmba nti: Bwe kityo Mukama wo bw’akugambye nti: Kyo ku Nze kyangu. Era tumufuule akabonero eri abantu era nga kusaasira okuva gye tuli, ekyo kyali kigambo ekyaggwa edda okugera.”***

Kuraane 19:19-21

Abamu bagamba nti okuzaalibwa kwe okwebya’magero bwe’bujulizi nti ye Yesu ye kantonda . Newankubadde, Yesu siye muntu yeka eyasooka okuzaalibwa nga tayina taata, nga Nabbi Adam (Emirembe jibeere kuyye) nga yye tannabaawo . Nabbi Adam yaliwo nga tayina taata yadde maama. Katonda agamba:

***Mazima ekifaananyi kya Yesu awali Katonda kiringa ekifaananyi kya Adam; Yamutonda mu ttaka oluvannyuma n’agamba nti Ba, n’aba (omuntu). Ago ge mazima agavudde eri Mukama we, kale tobeera omu mw’abo ababuusabuusa.”***


Kuraame 3:59-60

Bwa’ba Yesu asinzibwa lwa’kuba tayina taata, ekyo kitegeeza Nabbi Adam ya’gwanidde okusinzibwa olwensonga yye tayina bazadde yadde.

CONTENTS

























# EBYA'MAGERO BYA YESU

Yesu yajja (yazaalibwa) mungeri eye'byeewuunnyo nga tayina taata era na'kola ebya'magero kulwo kwagala n'olukusa lwa Katonda.

Yayogera nga muwere nga ali mukibaya okukuuma maama we okuva eri abantu abaali bamuvunaana nti yayenda. Kuraane ekyogerako nti Yesu yaddiza abaalibafudde obulamu, n'awonya abaali abagenge nebamuzibe – byonna nga abikola lwa'kusaasira kwa Katonda.

Ekya'mazima Yesu (Emirembe jibeere ku yye) olwo'kuba yakola nga ebya'magero tekitegeeza nti yali assuka ku ky'okuba omuweereza wa Katonda. Ekya'mazima, ababaka bangi baakola ebya'magero, okuli Nuh, Musa ne Muhammad (Emirembe jibeere jebali bonna) bino byonna ebya'magero bya'tuukawo kulwakwagala kwa Katonda, okusobola okulaga obukulu bwa babaka.

# OBUBAKA BWA YESU

Ba Nabbi be bitabo ebya'yita nga Ibrahim, Nuh ne Jonah tebaabuulilako nti Katonda y'omu ku basatu, era tebakkiririzaako mu Yesu nga omununuzi.

Obubaka bwabwe bwali bwangu: waliyo Katonda Omu era Ye'yekka ya'gwanidde okusinzibwa. Sikyamagezi Katonda okusindiika ba Nabbi emyaka ejjiwera nga bayina obubaka obwamakulu, ate mungeri eye'kibwatukira nebabukyuusa, nebatandika okugamba nti katonda y'omu ku basatu,oba nti yesu mwana we(Katonda) ela nebakakasa nti yenzikiriza entuufu tekisooka!

Amazima gali nti, Yesu abuulirira obubaka bwebumu nga ba Nabbi b'ekyawandiikibwa ekyasooka awatali wadde no'kukyuusa kwonna. Waliwo ekyawandikibwa mu Bayibuli ekikkaatiriza obubaka buno. Omusajja yajja eri Yesu namubuuza, "teekaaki elikulembera amateeka gona?" Yesu namwanukura nti, "eteeka eli sooka amateeka gona liri nti, katonda waffe katonda omu" (mark 12:28-29) no'lweekyo etteeka ekkulu nenzikiriza entuufu okusinziira kwe'bwo yesu byeyasomesa kilanga nti "Katonda ali omu". Singa Yesu ye'yali Katonda yandigambye, 'nze Katonda, era munsinze.' Wabula, yadingana olunyiriri okuva mu byawandiikibwa ebikadde nga akkaatiriza nti Katonda ali Omu.


> *"Nabbi Issa bweyajja n'ebyamagero ebinnyonnyofu, n'abagamba,'....Ddala Katonda Ye ye Mukama wange era ye Mukama wammwe. Kale mumusinze. Lino ly'ekkubo eggolokofu."*
>
> Kuraane 43:63-64

# CONTENTS

































Kino kitambulira wamu n'omulimu gwa Yesu, nga bwekisomesebwa mubusilamu, nti Yesu yasindiikibwa eri abaana ba Yizirayiri no'bubaka bwe'bumu nga ba Nabbi abalala bonna munsi yonna, okugamba abantu nti mazima ddala tewali katonda ansaanidde kusinzibwa okujjako Allah.

Ela yesu yali mukkiriza, ela nga agondera amateeka ga Katonda nga Nabbi ate ela omuddu mu baddu ba katonda, yalinga omusilamu yenna waabeela, nga ekigendererwa kye, ebigambo bye, emilimu jye, byonna abikola kulwa Katonda.

## YESU MU BUSILAMU

Yesu yali Nabbi owekitibwa eyasindikibwa Katonda okukoowoola abantu okumusinza Katonda yeka.

Kino kikakasibwa okuva mu Bayibuli ne Kuraane. Enzikiriza eyo busilamu kunsonga ya Yesu ennyonnyola Yesu omutuufu yaani, oyo eyali Elina ebya'magero ate nga mukiseera kyeekimu nga akuuma obwe'lufu bwo kukkiririza mu Katonda n'obujjuvu bw'obugulumivu bwe, obwenjjawulo n'obutuukirivu.

Tubaniriza okwongera okwekeneenya n'okunoonyereza ku busilamu. Tebulinga ddini ndala. Bwebubaka bwebumu obwa yogerwa Nabbi Nuh, Ibrahim, Musa, Yesu ne Muhammad – Emirembe jebeere jebali. Obusilamu butegeeza 'Kwewaayo eri Katonda' era lyekkubo elijjudde elyo'bulamu elikubiriza omuntu okulongoosa enkolagana ye wakati we ne katonda we awamu ne'bitonde bya katonda. Obusilamu busomesa nti Katonda Yemwenkanya era Yemusaasizi akyasinze era Katonda teyeetaaga kwesaddaka oba omwana we(nga webagamba) okutusonyiwa ebibi byaffe nga bwewatali muntu yenna "yazalibwa lwa kibi".

Katonda alamula buli mmuntu kusinzira ku bikolwa bye era buli muntu avunaanyizibwa ku bikolwa bye.

Obusilamu butusomesa okwagala n'okuwa ekitiibwa ba Nabbi bona aba Katonda, naye okwagala n'okuwa ekitiibwa ba Nabbi tekitegeeza kusinza bbo kubanga okusinzibwa kwa Katonda yeka.

Okutegeera Yesu nga Nabbi wa Katonda tekitegeeza kukyuusa oba kujjawo nkwatagana na Katonda. Kyetaagisa kuddayo mubyayita bye nakumanya nsomesa ntuufu.

HOTLINE
+971 56 204 2045
islamicicdxb
islamicic.com
info@islamicic.com
+971 4 355 5223
DOWNLOAD LUGANDA FLYER
www.iicdxb.com/luganda

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU

NABBI MUHAMMAD SAW

YESU: OMUBAKA WA KATONDA

AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU

KURAANE ENTUKUVU

KIGENDERERWA KI MU BULAMU?

ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU

EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU

EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE

OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU

LUGANDA (04/10) مفهوم الإله في الإسلام FREE COPY

*Tewali kintu kyona kya'manyi kusinga Mutonzi.*


Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمـــارات THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مـركـز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

www.islamicic.com

تصريح رقم: (2017/139)


دائـــرة الشـــؤون الإســـلامية والعمـــل الخيـــري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department

CONTENTS































# Waliyo Katonda?

Waliwo obujulizi obwa'magezi bunji obulaga nti kituufu eno ensi elina omutonzi waayo. Ensonga ssatu enyangu zinyonyodwa wansi:

## 1. Enteeka teeka y'ensi

Lowooza kukutambula kumbalama ze nyaanja era n'ozuula esaawa mumusenyu. Oyinza okukiriza nti esaawa eyo yajjawo yooka? Tosobola kukomekkereza nga ogamba nti esaawa esobola okuba nga yagudde bugwe musenyu yokka. Ebyo byona ebitundu tundu ebikola muyyo nti bya'gwa bugwe mumwaaliliro ogwa'ziikibwa ku nsi. Esaawa eteekwa kuba nga eliko omuweesa. Era esaawa bweba elaga obudde obutufu tusuubira omuweesa okuba nga mugezi nnyo. Embeera eyekibwaatukira teyinza kukola saawa nga etambulila ku mbala entuufu .

Wetutunuulira omwaaliliro gw'ensi. Obudde bwaayo bwe'tololera ku bwe'tolovu bwo'musana ekyonno kyaasobozesa abavumbuzi okulangilira obudde bwo buvanjuba n'obugwa njuba. Nga essaawa bwe'yina okubeeela no'muweesa ayina onumanyilivu ateeka teeka obudde bwaayo mungeli eyenjawulo. Bweekityo bwekili nensi eteekeddwa okuba nga Elina eyagikola ate nga mumanyi nyo ateeka teeka entambula yo'budde bwaayo nga yeetooloorela ku musana, Kino kiyinza okutuukawo kyoka?

Mungeri yyemu, bwetulaba enteeka teeka, amateeka n'enkola eli muffe ne munsi okutwaliza awamu, tekikola makulu nti ensi eliko omuteesi teesi? Nga Omuteesi teesi anyonyolwa nyo bwokubawo bwa Katonda – oyo eyaleetawo okuteekebwa teekebwa kwe nsi?

## 2. Entandikwa yy'ensi

Okunonyereza kufundikira kugamba ensi eyina entandiikwa. Kino kiva kukunonyereza okwakabaawo nti ensi egaziwa, era bwetuddayo emabega, Ensi ejja kuddayo kumbeera nga weyali nga yaakatandika. Waliwo engeri ssatu ezinyonyola entandikwa y'ensi. Oba:

1. Ensi teyina nsibuko,
2. Ensi yeetandikawo, oba
3. Ensi yatondebwa.

Obumanyirivu bwa bantu bulaga nti ekintu kyona ekiyina entandiikwa tekiyinza kuba nga tekiyina jjekyaava.

Enyinyonyola eyo' kubiri, enyinyonyola enyangu etugamba nti ekintu tekisobola kukola kintu kilala nga tekibangawo. Kino kilekawo ensonga eyo' kusatu nga kweekunyonyola kwokka okulaga okutandika kwensi, ela nga kutegeeza nti waliwo owawagulu era omugunjuvu mubantu, Katonda eyatonda ensi.

Abantu abamu bayinza okubuza, "Ani yatonda Katonda"? Katonda, Omutonzi, wanjawulo kubye yatonda. Singa yali nga ebitonde, yandibadde yeetaga omutonzi, kikutuusa kubutabaawo bwansalo salo kumuwendo gwa' batonda, ekitasoboka. Mazima ye Allah omutonzi ali wabweeru weebyo ebiri munsi ela waa waggulu.

CONTENTS






Katonda yaliwo kuva dda era tayina ntandikwa; n'olwensonga eyo ekibuuzo ku ani yatonda Katonda tekiyina mugaso.

## 3. Obubaka obuva eri Katonda

Ela Waliwo obubonero obweerufu nti ekitabo kyo' busilamu, Kuraane, nti bigambo bya Katonda. Wansi kwekunyonyola mubufunze okwensonga ezikkatiriza ensonga eyo:

- Kuraane yakka emyaakya 1400 emabega era erimu ebyaamagero ebyali tebimanyikiddwa eri bantu ebebiseera ebyo era nga byaakazuulibwa biseera bino na bavumbuzi abasomye. Ebyo'kulabilako kuliko: Amazzi okuba nga yensibuko ye bintu ebiyina obulamu (Kuraane 21:30); Okugaziwa kwe nsi (Kuraane 51:47); n'obumu bwo'bwetooloovu bwo'musana n'enjuba (Kuraane 21:33).
- Kuraane elimu ebyaayita binji ebyamazima ebyo ebyali bitamanyikidwa eri abantu abe'biseera ebyo era no'kutebereza okunji okukakasibwa okuba okutuufu.
- Kuraane telimu nsobi yonna oba enjawukana.
- Kuraane yateeka teekebwa, kigambo kukigambo, okusinziila nti yassibwa mululimi lwaayo olwaasooka oluwalabu, okwaawukanako ne'byaawaandiikibwa ebilala ebitakyaali kubutuufu bwaabyo obwaasooka.
- Obugonvu, obutukuvu n'obubaka obwaawamu obwa Kuraane obwa'mangu eri okukkiriza kwa'bantu okwo'munda ku Katonda owa'waggulu.
- Kuraane yassibwa ku Nabbi Muhammad (ebyengera n'emirembe jebeere kuyye) eyali tamanyi kusoma. Kyoka, nga Kuraane ejjuddemu ebisoko ebyenjawulo mu lulimi ela emanyiddwa nga entiko y'oluwalabu oluterevu era olulungi okuva kunsibuko.

*Katonda wassa ekitabo ky'obulungamu ku bantu, twandibadde tusuubira nti ekitabo ekyo kyandibaddemu obujulizi obweerufu obulaga okubaawo kwa Katonda.*

# Katonda yaani?

"Allah" lye linnya ettongole elya Katonda omu owa'mazima. Tewali kintu kilala kyonna kiyina kuyitibwa Allah. Ela ekigambo kino tekiyina bunji yadde ekikula nga bwekiri kukigambo "Katonda" mu lulimi olungereza kino kisobola okuba mubunji ne munkula (okugeza katonda omusajja / obamukazi). Enjawulo eyokozesa ekigambo "Allah" yendabilwaamu y'obusilamu ekkatiriza obutukuvu bwo'kukkiriza mubwoomu bwa Katonda.


*Ela ensonga eviilako okuba nti Kuraane ye'kyasinze okuba eye'njawulo ela eya'magero, kwe'kuba nti yava eri Katonda.*

CONTENTS

































No'bulungi obuli mubusilamu kwe kuba nga bukkiriza obujjuvu bwo'butuukirivu, amaanyi n'obwenjjawulo bwa Katonda ewatali ndagaano. Kino kitangazibwa mu bweelufu bwe nsomesa z'obusilamu ku biteendo bya Katonda.

## Katonda ali Omu era Wanjawulo:

- Katonda tayina gwa'kola naye, tayina gwe yenkana era tayina gwa'vuganya naye.
- Katonda tayina taata, maama, batabani, bawala yadde abakazi.
- Katonda yyeka yaasanidde okusinzibwa.
- Singa waliyo ba katonda abasukka mwomu, kyandibadde kilaga obukendeevu mu manyi oba mubuyinza era kino kyandibadde kilaga nti Katonda ayina gwakola naye, kubanga wandibaddewo okkubagana no'kuvuganya ne ba katonda abalala.

> *"Era katonda wamwe ali omu ye Katonda. Tewali katonda yyena okuleka Yye."*
> **Kuraane 2:163**

## Katonda yewaamanyi gonna:

- Katonda yaayina obuyinza obujjuvu n'amanyi kubuli kintu.
- Buli kintu kiliwo kulwa katonda ela katonda ya'gabilila buli kintu.
- Obwetoowaze ku Katonda tebwongera ku maanyi Gge, yadde obujemu okukendeeza ku maanyi Gge mungeri yona.

## Katonda yo'wa'wagulu:

- Tewali kintu kiri waggulu oba kyenkanizibwa ku Katonda.
- Ebitendo bya Katonda tebiyina kyebyefaanaanyiriza ku bitendo byeebyo byeyatonda.
- Tewali kintundu kya Katonda kilabwako wantu woona.
- Katonda alina ebitendo ebijjuvu era tayina kkomo nga'bantu, okugeza nga okuwummula kulunaku olwo musaanvu oluvanyuma lwo kutonda ensi, nga bwekigambibwa amaddini amalala.

## Katonda ye mwenkanya asinga era owekisa asinga:

- Katonda teyeetaaga kweesaddaaka okutusonyiwa ebibi byaffe nga bwewatali muntu yenna "yazaalibwa lwa kibi".
- Katonda alamula buli muntu kusinziira ku bikolwa bye era buli muntu avunaanyizibwa ku bikolwa bye.
- Abantu bafuna okusaasira kwa Katonda nga bayita mukumukkiriza, nokkola emilimu emilunji,ssi lwa kika kya'bantu wadde ebyo'bugagga.

# Embeera ya Yesu (Nabbi Isa)


Bwetuba nga tunyonyola okukkiririza mu Katonda mubusilamu kyamakulu okwogera kumbeera ya Yesu (Nabbi Isa), kuba yakyaasinze okuvaako okubuzaabuzibwa n'okweemulugunya ku mbeera ye.

CONTENTS































Abakurisitaayo abasinga bagamba nti "Yesu ye katonda" oba ali omu kubasatu ela mazima nti yesu kweekubaawo kwa Katonda kunsi era Katonda gwe yakkiramu mukifaananyi ky'omuntu

*Bwetuba nga tunyonyola okukiririza mu Katonda mubusilamu kyamakulu okwogera kumbeera ya Yesu (Nabbi Isa), kuba yakyasinze okuvaako okubuza buzibwa n'okwemulugunya ku mbeera ye.*

Nga awamu ne'kyo, okusinzira ku ekitabo ekitukuvu (Bayibuli), Yesu yazaalwa, yalya nga, yebaka, yasabanga era teyayina kumanya okubuna kubuli nsonga yonna ela bino byonna ebitendo tebigwaanira kuba bya Katonda. Katonda ya'alina ebitendo byo'bujjuvu(tayina bukendeevu yadde akamogo). Sso nga ate omuntu ali kyennyume kyeekyo. Ekintu kiyinza kitya okubeerawo mu mbeera bbiri ezikontana? Kino tekikola makulu.

Nga awamu ne'kyo, bantu abamu bayinza okwebuuza, "bwa'aba Katonda asobola okkukola buli kimu, lwaki tafuuka omuntu?" mukunyonyola, Katonda takola buntu butono, nabwekityo singa Katonda afuuka omuntu era na'afuna ebitendo byo'buntu, yandibadde tasigala nga Katonda.

No'kusingako awo, ekitabo ekitukuvu (Bayibuli) elimu enyiriri nyingi nga Yesu ayogera era nga alaga nti yye muddu wa Katonda. Ela nga katonda wanjawulo nyo kuyye.

Okugeza nga mukitabo kya injiri, "kakati mugamba okunzita, nga nange ndi muntu abagamba amazima gennawulira okuva eri Katonda" (John 8:40).

Abakurisitaayo abasinga balina enzikiriza egamba nti "Yesu mwana wa Katonda" naye tuyina okweebuuza, kino ddala kitegeeza ki?

Mubutuufu Katonda ali wala n'okuba nga'yina omwana. Wabula, ekigambo "Omwana wa Katonda" tukisanga mu nnimi enkadde eza'ali zikosezebwa nga ebisoko mu tawuraati "kubantu abatuukirivu". Kya'akozesebwa nga mumpandiika enkadde kubantu abatuukirivu nga Dawudi, Sulaiman ne Isa ela tekikoma kkozesebwa ku yesu yekka.

Ela mubyo'kulabilako "yisirayiri(yakobo) ye mwana wange asooka," (Exodus 4:22)

"tekisaana eri katonda okweteerawo omwana. Okwawulwa kukwe" Kuraane 19:35

Endowooza y'obusilamu ku Yesu enyonyola ani yali Yesu omutuufu, awamu no'kukuuma enzikiriza entuufu mu katonda n'amanyi ge no'bwoomu bwe no'nujjuvu bwe, okwawulwa kukwe era ali waggulu nyo . Yesu yali Nabbi owe'kitiibwa eyatumibwa Katonda okukoowoola abantu okusinza Katonda Yekka.

CONTENTS






# Katonda yekka yateekeddwa okusinzibwa

*"musinze katonda, temumugattako kirala kyonna."*

Kuraane 4:36

Obusilamu busomesa nti okusaba kwonna n'ebikolwa ebyo kusinza biteekeddwa kuba nga bidda eri Katonda. Tewali kintu kyona kiteekeddwa kusinzibwa okujjako yye: sibibuumbe, wadde entaana, musana, njuba, bisolo, ba Nabbi, balongoofu, malaika, babuulizi yadde banaddini. Bino byona bintu bitonde era biyina ekkomo, n'olwekyo sibituukirivu, nabwe'kityo Allah ye mutuukirivu.

# Katonda asinzibwa buterevu awatali wadde kayungirizi

Katonda teyetaaga muyambi oba kayungirizi. Buli omu ayina engeri enambulukufu gya'sinzaamu Katonda, era nga bwa'wulira buli amusinza era nabamuyita. Okusinza Katonda nga oyina kyoyitamu (okugeza nga oyita mubibuumbe, oba kayungirizi)obeela okutuddewo empaji eyo'kukkiririza mu katonda, nokusaanyawo ekilaga nti yekka ya'saanira okuzinzibwa kilabika.

# Ba Nabbi bona ba'kowoola (abantu) eri okusinza Katonda

*"mazima mu buli kitundu omuwangaalira abantu twatumamu omubaka, (abagambe)nti: musinze katonda era mwewalebuli kisinzibwa ekirala."*

Kuraane 16:36

Abasilaamu bakkiririza muba Nabbi bonna Katonda beyasindika. Muba Nabbi mulimu Adam, Nuuwa, Ibrahim, Musa, Yesu (Isa) ne Muhammad. Bonna bajja n'obubaka bweebumu – kuyita bantu baabwe okukkiriza n'okusinza Katonda omu owa'mazima.

# Omugaso gw'obulamu kusinza Katonda

Omugaso ogwa'manyi ogw'obulamu kwe'kuba nga tuzinza Katonda, no'kumwaawula mubyo'mu bwe nemubulezi bwe. No'kumusinza yekka awamu no'kufuba okulaba nga tukola kusiimisa yye yekka. Omulamwa og'okusinza mubusilamu tekukoma kumirimu nga okusaala n'okusiiba jokka, kitwaaliramu ne'mirimu gyonna egisanyusa Katonda okugeza nga okuba nempiisa ennungi, okubeera omweetowaze, okussaawo obwenkanya, okubeera omuguminkiriza n'okuyamba abe'taavu.

Mukufundikira, omusingi gw'obusilamu kwe kukkiririza mu bw'omu n'obwenjawulo bwa Katonda owa'maanyi, Oyo Omutonzi era Katonda wa buli kimu, Oyo alina ebitendo ebijjuvu. Ye yekka ya'saanidde okusinzibwa. Omwo mwe'muli okweesiima kwaffe wano kunsi nemubulamu obuddako.

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU

NABBI MUHAMMAD SAW

YESU: OMUBAKA WA KATONDA

AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU

KURAANE ENTUKUVU

KIGENDERERWA KI MU BULAMU?

ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU

EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU

EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE

OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# KURAANE ENTUKUVU

| LUGANDA | (05/10) القرآن | FREE COPY |
|---|---|---|

*Obubaka obwasembayo okkuka eri abantu*




جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

تصريح رقم:
(2017/139)


دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department

www.islamicic.com

CONTENTS



























# KURAANE KYEKYI?

## KURAANE BYE BIGAMBO BYA MUKAMA KATONDA (ALLAH)

Kuraane byebigambo ebyamakulu ebya Katonda (oyo ow'awagulu), (ayitibwa Allah muluwarabu) ekya ssibwa ku Nabbi Muhammad (Okusaasira n'ebyengera bibeere kuyye) nga kiyisibwa ku Malaika Gabriel

*"Okussa Ekitabo kino Kuraane ekiva eri Katonda Ow'ekitiibwa, Omukakasa mw'ebyo by'ayogera ne by'akola."*

Kuraane 39:1

## OKULUNGAMYA ERI ABANTU

*Kuraane mubufunze yye:*
*"Kuraane yassibwa olw'okulungamya abantu n'okunnyonnyola obulungamu era njawuzi (eyawula wakati wekirungi n'ekibi).'*

Kuraane 2:185

Kuraane elaga ekkubo eggolokofu ela eyambe omuntu okwawuula wakati w'obulimba n'amazima, singa teyali Kuraane, omuntu yandibadde mububuze obwawaggulu

## OBUBAKA OBWASEMBAYO OKUKKA

Kuraane kye'kitabo ekitukuvu ekya ssembayo okukka nga kiva ewa Katonda (Allah), nga kikakasa ebimu kubituufu ebitono ebyasigalira mubitabo ebitukuvu ebyasooka era nga kijjawo n'okutereeza enkola n'okugatta mpola mpola mwebyo ebitabo ebyayingira mu nyiriri eziliwo kati.

*Abange mmwe abaaweebwa Ekitabo! Mukkirize ebyo bye twassa ebikakasa ebyo ebiri nammwe......"*

Kuraane 4:47

# KURAANE YAKKA ETYA?

Kuraane yakka ku Nabbi Muhammad (Okusasiira n'ebyengera bibeere kuyye) era nesigalawo mululimi olwo mweyassibwa (oluwalabu). Newankubadde enzivuunura za Kuraane weziiri munnimi ezenjawulo.

Kuraane teyassibwa mulundi gumu nga kitabo kilamba mukukka; wabula okukka kwayo kw'amala ebbanga lya myaka abiri mw'esatu (23).


N'olwensonga eyo, kyamakulu nnyo okumanya mumbeeraki ayaa mwe zassibwa, okusobola okutegeera obulungi Kuraane; nabwekityo, ensomesa yaayo eyinza okubuza buza.

CONTENTS

































# NYINZA NTYA OKUTEGEERA NT

## KURAANE EKUUMIDDWA

Kuraane yeeyokka eyina ebigambo ebitukuvu ebyeddini ebibaddewo okumala ebanga eppanvu, era nebisigala nga bitukuvu nga olunaku lwebyakka. Tewali kintu kyona kyali kyongezeddwamu, yadde okujjibwamu oba okukyusibwamu muyyo. Okuva bweyassibwa mu myaka jja 1400.

*"Mazima Ffe twassa obubaka (Kuraane) era ddala mazima Ffe tujja gikuuma"*

Kuraane 15:09

Kuraane teyakoma kkuumibwa mubuwaandiike mwoka, wabula era eri mitima j'abaami, abaana n'abakyala.

Olwaleero, obukadde n'obukadde bwabantu bakutte mumitwe Kuraane kuva ddiba paka ku ddiba

## EBYAMAGERO EBYENJAWULO

Kuraane teyawukana nasayansi waleero wabumula, ekwatagana n'ebyamazima.

Ekisooka okujjukilwa ekyenjawulo ku Kuraane kiri nti elimu ayaat nyinji nga zinyonyola bulungi obutonde bwebyabaawo mumbeera ezenjawulo okugeza nga okutondebwawo okw'omwana, enkyuuka kyuuka y'obudde, enkyuuka kyuuka y'omuntu, entambula y'ensi ne enkyuuka kyuuka y'enyanja.

Abavumbuzi baakizuula nti ebitendo bya kuraane byanjawulo nyo okuba nga ekyo ekitabo kyaali wo mukyasa ekyomusanvu.

Ekyamazima, ebyamagero binji ebya menyezebwa mu Kuraane byakajja bizuulibwa jjuzi wano, nga wamaze kubaawo nkulaakulana mubya tekinologiya.

*"Tujja kubalaga Obubonero Bwaffe mu mpuuyi z'ensi ne ku myoyo gyabwe bo bennyini okutuusa kibeeyolekere nti ddala ky'obaleetedde kya mazima"*

Kuraane 41:53

Lowooza kunsonga zino:

- Kuraane etumenyera menyera enyinyonyola yy'enkula y'omuntu. Eno engeri yali temanyiddwa bavuumbuzi ppaka kati.
- Okunonyereza kwakajja kuzuule okubaawo kw'ensalo ssalo zza ssemayaanja ebbiri ezisisinkana naye nga zaawula obunyogovu, obuwaanvu n'olunyo lwazo.


Buno obubonero bwa Katonda bwa wandiikibwa bulungi mu Karaane emyaka ejjisoba mu 1400.

CONTENTS

































# I YAVA ERI ALLAH (KATONDA)

## BWE NJAWUULO BWAYO (KURAANE)

Okuva bwe yassibwa, tewali muntu yyena yali asobodde kufulumya yyadde essula yadde emu nga Kuraane mubulungi, mutuufu, mubuggaga, mundowooza, mukulagula ne mubiteendo ebilala.

> *"Bwe muba nga muli mu kubuusabuusa mw'ekyo (ekitabo Kuraane) kye Twassa ku Muddu waffe (Muhammad) kale muleeteyo essula efaanana nga kkyo, era muyite abajulizi bammwe abatali Katonda Omutonzi bwe mubeera ab'amazima."*
>
> Kuraane 2:23

Abo abantu abawakanya Nabbi Muhammadi (Ebyengera bibeere ku yye) baagwa okuvuganya kuno, newankubadde baali bakenkuffu ekyawagulu mululimi lwa Kuraane. Kuno okuvuganya okukyalemeddwa okuddibwamu paka olwa leero.

## TEMULI NJAWUKANA

Singa abantu bawaandiika, baba bayina okukola ensobi okugeza nga empandiika,nemu mateeka golulimi, enjawukana mubigambo, okukyuusa kyuusa enkomekelero, okusala mububaka n'ensobi endala ezzenjawulo.

> *"Singa yali nga yava eri omulala atali Katonda, bandisanzeemu enjawukana nnyingi."*
>
> Kuraane 4:82

Kuraane teyina njawukana yonna, kakibeere munzivunnula eyenjawulo eyogela ku mulimu gwa mazzi, okutondebwawo okw'omwana, enkyuuka kyuuka y'obudde, ebyafaayo ebya tuukawo oba okulagulwa.

## TEKIYINZIKA OKUBA NGA MUHAMMADI YE YAJIGUNJAAWO?

Nabbi Muhammadi (Ebyengera bibeere kuyye) yamanyikwa mubyafaayo nga ataali muyivu; nga tamanyi kusoma yadde okuwandiika. Yali tasoma nga ko kukintu kyona. Ela yali tasobola kunyonyola nsonga za'munda wadde ebyafaayo ebili mu kuraane. Kubanga enjogera ez'omunda ezoogela ku byafaayo bya bantu nenkulaakulana eyasookawo eyogelwako mu kuraane ya'waggulu nyo okuba nga muntu yeyabiwandiika.

> *"Teyali eno Kuraane esoboka okugunjibwawo okuva eri oyo atali Katonda;"*
>
> Kuraane 10:37

CONTENTS




# OMUGASO GW'OKUKA KWA KURAANE

## OKUKKIRIZA MUBWOMU BWA KATONDA OWA MAZIMA

Ne Katonda wammwe ye Katonda ali omu. Tewali mulala wabula Ye yyeka,Omusaasizi,Omusaasizi alina okusaasira okwenjawulo." Kuraane 2:163

Omusomo okukyasinze okumenyebwa mu Kuraane yonna gwe gw'okukkiririza mu bw'omu n'amazima ga Katonda. Katonda atutegeeza ffe nti Yye tayina mubeezi, tayina mwana, tayina amwenkana, era nti tewali ayina lukusa (atekeddwa) kusinzibwa okujjako Yye yyeka. Tewali kigera geranyizibwa ku Katonda era tewali kitonde kimwefaanaanyiriza . Kuraane era engaana endowooza y'okuteeka ku Katonda ebitendo bya'bantu no'bukendeevu babwe.

## OKUWAKANYA ABO BBONA BA KATONDA AB'OBULIMBA

"Musinze Katonda, era temumugattanga n'ekintu ekirala kyonna." Kuraane 4:36

Okusinzira nti Katonda Yye yeka atekeddwa okusinzibwa, bakatonda abobulimba tebateekeddwa kusinzibwa. Kuraane era egaana endowooza yo'kussa ebitendo eby'obwa'katonda ku kintu kyonna ekilala ekitali Allah.

## OKUNYUMYA ENGEERO KUVA MUBYA YITA

Kuraane elimu enjogela nebigambo binji ebilimu ebyo'kuyiga, omuli engero eza mazima nga za ba nabbi abaasooka okugeza nga, Adam, Noah, Ibrahim, Isa (Jesus) ne Musa. Muzimu ku ngero zino, Katonda agamba;

"Mazima mwali mu byafaayo bya Bannabbi eky'okulabirako eri abalina amagezi amalamu." Kuraane 12:111

## OKUTUJJUKIZA OLUNAKU LWE'NKOMERERO

Ekitabo ekitukuvu kitujjukiza nti buli mwoyo kujja kuloza kukufa era gujja kubalibwa kubuli kintu kyegwakola era kyegwayogera:

"Era tujja kuteekawo minzaane ennenkamunkamu ku lunaku lw'enkomerero, olwo omuntu aleme kulyazaamaanyizibwa."

Kuraane 21:47

## OKUTUUKIRIZA EKIGENDELELWA KYO BULAMU

Ekyomugaso, Kuraane etusomesa nti omugaso gwobulamu guli mukusinza Katonda yyeka, n'okubeerawo kwo bulamu okusinzira kungeri y'obulamu bwebwatekeebwa teekebwa nga katonda waayagala. Mubusilamu, okusinza kutambulira kumateeka nga omuli okukola ebikolwa ebilungi n'okwogeera (ekituufu) (yadde mukyama oba mulwatu) ebyo Katonda bya yagala era byasanyukira. N'olwekyo, nga okola Katonda byalagira, omusilamu ateekeddwa kusinza Katonda nakutuukiliza mugaso gwe mubulamu.

Ebimu mu by'okulabilako byokusinza Katonda okuva mu Kuraane:

CONTENTS




**Okusaala:**

"Abange mmwe abakkiriza! Mukutame era muvunname (Musaale), era munsinze Mukama wammwe, era mukole obulungi, oba olyawo mulirokoka." Kuraane 22:77

**Okuwa obuyambi:**

"...Era muweeyo, (emmaali n'obuyambi mu makubo g'obulungi); bwe mukola mutyo, obwo bwe bulungi obubagasa eri emwoyo gyamwe. N'omuntu alwanisa omululu gw'omwoyo gwe n'ataba mukodo, abo be b'okulokoka" Kuraane 64:16

**Okubeera omwesimbu:**

"Temutabula amazima n'ebitali bituufu, era temukweka amazima nga nammwe mugamanyi" Kuraane 2:42

**Okubeera omwetowaze:**

"Gamba abakkiriza abasajja bakkakkanye ku maaso ggabwe era bakuume obwerere bwabe. Era ogambe abakkiriza abakyala bakkakkayenga ku maaso gaabwe era bakuumenga obwereere bwabwe." Kuraane 24:30-31

**Okubeera omusiimu:**

"Ne Katonda ye yabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temumanyi kintu kyonna, ela na'bawa amatu n'amaaso n'emitima oba olyawo ne mwebaza." Kuraane 16:78

**Okubeera omwenkanya:**

"Abange mmwe Abakkiriza! Mubeera nga abayimiridde ku bwenkanya, abajulira ku lwa Katonda, newankubadde ka bube nga buli ku mmwe, era ka bube ku mugagga oba omwavu, kubanga Katonda y'asinga abo bombiriri." Kuraane 4:135

**Okubeera omugumikiriza:**

"Era gumiikiriza (Ggywe Muhammadi) mazima Katonda tayinza kwonoona mpeera za balongoosa. Kuraane 11:115

**Okukola obulungi:**

"Yalagaanyisa Katonda abo abakkiriza ne bakola emirimu emirongoofu; Balina okusonyiyibwa n'empeera ennene (ey'okuyingira Ejjana)." Kuraane 5:9

## NGA NFUNDIKIRA

Mubufunze, Kuraane esomesa omuntu butya bwayina okusinzamu Katonda omu owamazima, nabwe kityo okutuukiriza omugaso omutuufu mubulamu, n'okufuna okwesiima kunsi kuno ne mubulamu obuddako.

"Mazima, Ffe tussizza ku ggwe (Muhammadi) Ekitabo eky'amazima nga kya bantu bonna. Omuntu alungamye, alungama ku lulwe, n'omuntu abula ela ebibi by'okubula biddira yye"

Kuraane 39:41

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW
YESU: OMUBAKA WA KATONDA
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU
KURAANE ENTUKUVU
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# KIGENDERERWA KI MU BULAMU?

LUGANDA | (06/10) الغاية من الحياة | FREE COPY

*Nava wa?*

*Era lwaki ndi mu bulamu buno?*

*Era ndaga wa oluvannyuma lw'okufa?*




جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department

تصريح رقم:
(2017/139)

www.islamicic.com

CONTENTS






# KIGENDERERWA KI MU BULAMU?

Ebimu ku bibuuzo ebyo ebisooka okukonkona ku mulyango gw'amagezi mu kiseera ky'okulowoolereza ku kigendererwa ky'obulamu (kiri) nti: "twava wa?"

Abaffe okubeera kwaffe mu bulamu buno kyava ku ngeri ya mugwikirizo ey'obutonde etaali nteeketeeke

Mazima okukkiriza okubeerayo kw'omutonzi lw'eluta olusooka ku kutegeera ekyagendererwa ekya nnamaddala mu kubeerawo kwaffe mu bulamu buno, era waliwoensonga eziwerako mu ntegeera ey'obuntu ne mu magezi ezikakasa okubeerayo kw'omutonzi , era wano wammanga tugenda kwogerako ssatu zokka mu bufunze:

## OKUTANDIKAWO KW'ENSI

Obujulizi obusooka obulaga okubeerayo kw'omutonzi, bulina akakwate n'okutegeera ensibuko y'ensi eno.

Kubamu akafaananyi nga obadde otambulira mu ddungu n'ojja ogwa ku ssaawa, ate tukimanyi nti essaawa ekolebwa mu ndabirwamu, mu pulaasitiika ne mu kyuma. Endabirwamu ekolebwa mu musenyu, ate pulasitiika akolebwa mu petulooli, ate ekyuma kijjibwa mu nda mu ttaka – ebintu bino byonna bisangibwa mu ddungu. Abaffe oyinza okukikakasa nti essaawa eyo ye yeekola? Nti enjuba yavaayo oluvannyuma empewo neekunta n'oluvannyuma laddu n'ekuba, oluvannyuma petulooli n'alegama ku ngulu, ne yeetabika n'omusenyu n'ebyuma, oluvannyuma essaawa ne yeegatta,okumalira ddala emyaka miliyoni na miliyoni mu ngeri ya mugwikirizo oba olw'okusalawo kw'obutonde?

*Ate abamu bayinza okwebuuza nti: "Ate ani yatonda Allah" Allah oyo Omutonzi, eyayawukana ku bitonde, Katonda oyo ow'olubeerera nga talina ntankikwa, N'olwekyo, ensonga egamba nti ate ani yatonda Katonda, eyo nsonga tejja mu magezi.*


Obumanyirivu obw'obuntu n'amagezi agaabulijjo bitulaga nti buli kintu kirina entandikwa, ate era teri kintu kisobola kwetonda kyokka. Olw'ensonga eyo entaputa esinga okuba eya magezi kwe kugamba nti wateekwa okuba nga waliwo Omutonzi w'ensi eno. Omutonzi ono ateekwa okuba nga wa maanyi, nga mumanyi olw'okuba nga aba yaleeta ensi eno yonna mu kibangiriza ky'ebiriwo, era n'atonda 'amateeka g'okumanya kw'ekikugu/science) ago agagifuga. Mu ngeri y'emu era nate tusobola okuba nga tukakasa nti Omutonzi ono talina mateeka ga kiseera na kifo agamukomeka, kubanga ekiseera n'ekifo byatandika na ntandikwa ya kutonda nsi eno.

Ebitendo bino byonna biba bissaawo entegeera ey'omuzinzi ku Allah, Omutonzi w'ensi. Kino kikwataganira ddala, ne sayansi ow'omulembe guno agamba nti ensi eno nkomeke era erina entandikwa.

CONTENTS
























# OBUJJUULIRIVU BW'ENKOLA YA ALLAH

Ate obujulizi obw'okubiri obulaga okubeerayo kw'Omutonzi nga Mumanyi, y'enteekateeka n'obwenkamunkamu obujjuvu obuli mu nsi yaffe eno enzibu.

Ebintu ebyenjawulo mu nsi eno biraga kaati nti yateekebwateekebwa okusingira ddala kuwagira bulamu. Eky'okulabirako obwaguuga obuli wakati w'ensi n'enjuba, n'obugulumivu bw'omugongo gw'ensi, n'obwangu bw'okwetooloola kw'ensi, n'ekigero ky'omukka ogussibwa mu bwengula, yadde eddaala ensi engeri gyekyukira ku nkulungo yaayo, ebipimo bino ke bigeza ne bikyukamu katono bwe kati ne biva kati we biri, obulamu buba tebusobola kubaawo.

Nga bwe kiri nti essaawa eteekwa okuba nga eriko eyagikola nga mukugu esobole okubala obulungi ebiseera, mu ngeri yeemu ensi eno nayo eteekwa okuba nga erina Omutonzi nga Mumanyi olw'okukuuma ebiseera kwe yeekulungira ku mabbali g'enjuba mu bwegendereza obw'ekitalo. Abaffe kino kisoboka okubaawo na kyekola kyokka?

Buli lwe tulaba enteekateeka, amateeka n'empanga ensuffu mu ffe kennyini n'empuyi z'ensi yonna, abaffe ssi kya mu magezi okukiwunzika nti waliyo Omuteesiteesi waayo? Entaputa yokka gye tuyinza okukitaputa esinga obulungi kwe kukakasa okubeerayo kwa Allah, Omu – Oyo eyatandikawo enteekateeka eno.

# OBUBAKA OKUVA EWA ALLAH

Ate obujulizi obw'okusatu obulaga okubeerayo kwa Allah, bwe bubaka obwo Allah bwe yaweereza eri abantu nga akabonero akalaga okubeerayo kwe.

*Singa allah aba aweerezza ekitabo ky'obulungamu eri abantu, teri kubuusabuusa kiba kiteekwa okubaamu obubonero obwenkukunala obulaga okubeerayo kwa allah.*

Era waliwo obubonero obweyolefu obulaga nti ekitabo ky'Obusiraamu, Qur'an, bigambo bya Allah. Era mu bino wammanga mwe muli okufunza ensonga ezikkaatiriza kino.


- Quran yakka emabega emyaka egisukka mu 1400, ewamu n'ekyo erimu ebintu ebituufu eby'amagezi ag'ekikugu (sayansi) ebyali bitamanyiddwa mu bantu mu kiseera ekyo, nga byakavumbulwa jjuuzijjuuzi nga sayansi ye yeeyambisibwa. ebimu ku by'okulabirako, ge mazzi okuba nga y'ensibuko y'ebitonde byonna ebiramu (Kuraane 21:30), ensi enneegolovu (Kuraane 54:47) n'enkulungo kinnakimu omwetooloolera enjuba n'omwezi (Kuraane 21:33).
- Quran erimu ebyafaayo ebituufu ebyali bitamanyiddwa mu bantu mu biseera ebyo, nga otadde ku bbali ebintu bingi eby'obulanzi ebyo obutuufu bwabyo ebyatuukirira oluvannyuma.
- Quran teriimu nsobi yonna yadde okukubagana empawa newankubadde obubaka obugirimu bwakkiranga mu mitendera gya njawulo okumala emyaka 23, ate nga yazingiramu ensonga nyingi ze yayogerako.
- Quran yakwatibwa kigambo ku kigambo okuviira ddala mu kukka kwayo nga eri mu lulimi lwayo lunnakabala Oluwalabu, okwawukanako

CONTENTS

































n'ebitabo ebirala ebitakyaliwo mu mbeera yaabyo gye byasookeramu.

- Quran erimu obubaka obweyolefu era obusengejje era nga bwa nsi yonna, nga bwogera na bwongo bwa muntu na nzikiriza ennywevu ezikwata ku Allah eyayawukana ku bitonde.
- Quran erina engeri ey'ewala gy'ekyusa abantu nga teri muli asobola kukiwulira okujjako oyo nga omutima gwe gwakomba ku buwoomu bw'obukkiriza.
- Quran yassibwa ku Nnabbi Muhammad (swalla Llahu alaihi wasllamama oyo eyali tamanyi kusoma na kuwandiika, naye erimu engeri y'ensengeka y'ebigambo mu lulimi nga yeeyawulidde Quran yokka, era mu nsi yonna emanyiddwa mu kuba nti eri ku ntikko mu bukugu bw'Oluwalabu n'obulungi bwalwo.

Entaputa esinga okuba nga ekwatagana n'amagezi yokka nga ennyonnyola ebyewuunyisa era ebyamagero bya Quran, kwe kugamba nti yava eri Allah.

# ALLAH OMULUNGAMYA

Okukakasa nti waliwo Omutonzi eyatutonda eyali amanyi buli kimu, tuba tukitegeera butegeezi nti aba ajja kutubuulira ekyagenderewa mu kututonda. Naye tusobola tutya okumanya ekyo Allah ky'atwagalamu? Abaffe tuwangaale bulamu bwa kugezaako na kusobya (nga tunoonya lwaki twatondebwa) oba tuwangaalire mu ngeri ya kwagala kutuukiriza bigendererwa byaffe eby'obuntu? Abaffe tutambule na 'muyaga' nga tumala gagoberera balala?

*Era ku mikono gya nnabbi issa (a.S) kwalabikirako ebyamagero – nga bwe guli ne ku bannabbi abalala, era n'akoowoola abantu okudda ku kusinza allah omu yekka.*

Kuraane 19:36

Nedda. Mazima Allah yatuma ababaka n'assa n'ebitabo, atunnyonnyole ekigendererwa mu kutondebwa kwaffe.

Allah yatuma enkumi n'enkumi z'ababaka era mu buli kibinja kya bantu n'atumamu omubaka omu okuva mubo kennyini waakiri omu, nga bonna beetisse obubaka bwe bumu, ;kusinza Allah yekka na kugoberera bulungamu bwe. Abamu mu babaka abo mwalimu Adam, Nuuhu, Ibrahim, Musa, Issa ne Muhammad bonna emirembe gya Allah gidde jye bali.

Nabbi swalla Llahu alaihi wasallama yali nga ye w'enkomerero mu nnyingo z'olunyilili lwa Bannabbi, era mu bantu bonna ye yabasinga obwesigwa, obwenkanya, okusaasira n'obuzira. Era yatumwa na bubaka obwasembayo okukka okuva ewa Allah nga bujja mu bantu abali mu nsi, nga ye Quran, annyonnyole abantu obubaka obussiddwa gye bali kya ddaaki basobole okubeera mu batya Allah.

Era Quran kitabo kya bulungamu, kitangaaza entegeera nnyingi ezo ezitawaanya abantu, nga ekigendererwa mu kubeera kwaffe ku nsi, era Allah y'ani, n'ebikolwa Allah by'ayagala era by'asiima, n'ebyo by'akyawa era by'agaana, ebyafaayo bya Bannabbi abaatukulembera n'ebyokwebuulirira bye tuyigamu, amawulire ku Jjana, omuliro n'olunaku lw'enkomerero.

CONTENTS






# EMBEERA YA ISSA (AS)

*Kikulu nnyo nga twogera ku mbeera za issa (a.S) nga tugezaako mu busiraamu okutegeera entegeera (entuufu) ku bikwata ku katonda, ekyo nno lwa kubanga waliwo okubuzaabuza n'ebyogerwa awatali bujulizi nga bingi ddala ku bikwata ku mbeera ze (Issa A.S).*

Abanaswara abamu bagenda ne bagamba mbu "Masiya ye Katonda" oba mbu wa kusatu mu basatu era mbu kifaananyi kya Katonda nga yeeyolekera mu kifaananyi kya muntu. Naye ewamu n'ekyo, ate okusinziira ku kitabo ekitukuvu Bayibuli ey'Abanaswara, Masiya yazaalibwa buzaalibwa, n'alya, n'anywa, ne yeebaka, n'asaba, era yali talina kumanya kwa buli kintu okwetoolodde buli kirina okumanyibwa, so nga ebitendo nga bino tebigwaanira Mutonzi (Allah). Allah alina ebitendo eby'obujjuvu, sso nga omuntu ali kyennyume kyekyo. ekintu ekimu ate kibeera kitya mu byennyume ebibiri ate mu kiseera kye kimu? Kino tekiri mw'ebyo ebiyingira mu magezi?

Ewamu n'ekyo, abamu bayinza okwebuuza nti "bwe kiba nga katonda alina obuyinza ku buli kintu, lwaki ate tabukeesa ku makya nga muntu"?

Mu kunnyonnyola (Katonda y'ani), ate tekisoboka katonda kukola bikolwa ebyo ebiraga obutali bwa Katonda. Olw'ensonga eyo singa Katonda abukeesa ku makya nga muntu, n'aba nga alina ebitendo eby'obuntu, oyo mu magezi amazaale tasobola kubeera Katonda.

Nga tuzimbira kw'ekyo, ekitabo ekitukuvu eri Abanaswara kirimu ennyiriri nyingi Issa Masiya mw'ayogerera era mwe yeeyisiza ddala nga omuddu wa Allah, era nti Allah mwawufu kuye era tamulinaako kakwate.

Eky'okulabirako, mu Njili ya Matayo, Essuula 26: 23 wagamba: "Yagwa wansi ku kyenyi kye n'avunnama".

Singa Yesu yali Katonda, abaffe kijja mu magezi okuba Katonda akka wansi ku kyenyi kye n'avunnama? Era ani oyo gwe yali avunnamira?

Abanaswara abasinga obungi bagamba nti "Masiya mwana wa Katonda". Tulina okwebuuza nti, kino ddala kitegeeza ki? Mu mazima Allah ali wala nnyo n'ekyokuba nga alina omwana ow'omubiri.

Ate era mungeri endala, tukisanga nga 'enjogera' eya 'mwana wa Katonda' ekozesebwa mu ngeri y'okugereesa mu nnimi za Taurat ez'edda nga kiba kitegeeza "abaddu abalongoofu". Era enjogera yakozesebwa mu nnyiriri nyingi ez'endagaano enkadde, nga ekozesebwa ku balongoofu bangi, nga Daudi (Dauda), ne Solomon (Sulaiman) ne Israel – era enjogera eyo tekomekebwa ku Issa yekka. Ebimu ku by'okulabirako kw'ekyo kye kigambo kye nti: "...Israel ye mwana wange eyasooka". (Okuva 4: 22).

*"Kyali tekigwanira allah okweteerawo omwana, yayawukana...".*

**Kuraane 19:35**

Enzikiriza ey'Obusiraamu ku butuufu bwa Issa y'ani ekitangaaza bulungi, nga mulimu okukuuma obulungi enzikiriza entuufu ku Allah eyayawukana ku bitonde, n'okukuuma ekitiibwa kye, obwannamunigina bwe n'obujjuulirivu bwe oyo eyayawukana ku bitonde.

Issa Masiya emirembe gya Allah gibe gy'ali yali mubaka wa kitiibwa, nga Allah eyayawukana ku bitonde yamutuma akoowoole abantu bade ku kusinza Allah omu yekka.

CONTENTS




# KATI....LWAKI NDI WANO?

Abantu bonna bakkiriza nti ebitundu by'omubiri, nga amaaso, amatu, obwongo n'omutima, birina ekigendererwa ekyenjawulo mu kubaawo kwabyo, abaffe kino tekitegeeza nti n'omuntu kinnoomu, naye mu ngeri ey'awamu alina ekigendererwa mu kubeera wo kwe?

Mazima Allah Omugezi era ow'ekitiibwa teyatutonda tubungeete bubungeesi nga tetumanyi gye tulaga era awatali kigendererwa, era teyatutonda lwa kutuukiriza byetaago byaffe bya butonde, nga okulya, okunywa n'okuwasa byokka; tulina ekigendererwa ekyawaggulu ennyo, era ekiruubirirwa eky'okuntikko, nga kwe kukkiriza okubeerayo kwa Allah oyo ow'ekitiibwa n'okumusinza yekka, ekyo nno tusobole okwanguyirwa okuwangaalira ku bulungamu buno obwava ew'omutonzi waffe, ela tusobole okuwangaala obulamu obw'obuwanguzi era obw'essanyu mu mbeera zonna. Era obulungamu buno buzingiramu ebikwata ku kusinza, nga omugaso gwabyo gwonna gudda eri muntu kinnoomu, nga okwesigamila katonda, okusaala, okusiiba, nabwekityo n'omugaso ogudda eri abantu awamu, nga okuyisa obulungi muliraanwa, okulabirira ab'ekika kyo, obwesigwa, n'okulongoosa yadde eli  ebisolo

Allah yatuziyiza okusinza ebitali Yye ka kibe kki (ekibumbe, oba enjuba, oba omwezi, oba bakabona, oba abasossodooti oba yadde Bannabbi). Allah eyayawukana ku bitonde talina bwetaavu eri bamwetabako, abawolereza, bakayungirizi, buli omu asobola okutuuka eri Allah ow'ekitiibwa nga ayita mu kusinza Yye yekka.

Allah ow'ekitiibwa yayogera ku bulamu buno n'abuyita kigezo, era ebika by'ebigezo bino bya njawulo eri abantu. Era ffe tetusobola kuba na busobozi kwe'ebyo ebitutuukako, naye tusobola okwefugira mu mbeera gye biba bitutuukiddemu. Era ku gamu ku makubo ago agatusembeza eri Allah ow'ekitiibwa ne gaba nga nsonga ez'okuyingira kwaffe Ejjana, bwe bugumiikiriza bwe tulaga mu biseera by'ebizibu, nokwebaza ebyengera, ate era Allah yatwekesa ekibonerezo ky'omuliro singa tuba tusazeewo okumuwakanya oba nga ebiragiro bye tubisudde muguluka.

# BWE GUBA GUTYO.........KATI KIKI EKIBA KINKAKATAKO OKUKOLA?

Mu butuufu okugezesa obukkiriza bw'omuntu,kirabikira mu kukozesa magezi olw'okulowoolereza n'okumanya obubonero obulaga okubeerayo kwa Allah n'okuwangaala nga ogoberera biragiro bye n'ebiziyizo bye oyo eyayawukana ku bitonde. Era ekyo kibaawo na kukwata luwenda lwa kugondera biragiro bya Allah, era ekyo kitegeeza – mu Luwalabu – nti oba obukeesezza nga oli "Musiraamu",

Allah yaddira Obusiraamu nga abantu bonna busobola okubatuukako, nga tetutunuulidde byafaayo byabwe, enzikiriza zaabwe oba embeera zaabwe nga bwe zaali. Olwensonga eyo kisoboka omuntu yenna okubukeesa nga Musiraamu ate mu ngeri ennyangu nga oli ayita mu kukkiriza amakulu agali mu Shahaada eno wammanga – Shahaada y'okukkiriza n'okwatula:

***Nkakasa nti mu biliwo byonna teri kisinzibwa mu butuufu okuggyako Allah era nkakasa nga Muhammad Mubaka wa Allah.***

Abaffe mulowooza ekiseera tekinnatuuka otuukirize ekigendererwa ky'obulamu bwo ekyakutonza, okkirize amazima era okakase okubeerawo kw'Omutonzi?

HOTLINE
+971 56 204 2045
islamicicdxb
islamicic.com
info@islamicic.com
+971 4 355 5223
DOWNLOAD LUGANDA FLYER
www.iicdxb.com/luganda

CONTENTS

ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW
YESU: OMUBAKA WA KATONDA
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU
KURAANE ENTUKUVU
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU

# ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU

LUGANDA | (07/10) مفاهيم خاطئة حول الإسلام | FREE COPY

KIKI KY'OMANYI DDALA KU BUSILAMU (OBUSILAMU KYEKI)?


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae
الإمارات
THE EMIRATES
Your Path To Peace..
مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام
تصريح رقم:
(2017/139)
دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department
www.islamicic.com

CONTENTS






























# ENNYANJULA

Obusilamu ye ddini ekyasinze okuba n'abagoberezi abangi era nga yekyasinze okuba nga Elina abalabe banji munsi yonna. Kulwensonga ez'e njawulo, muzo mulimu emikutu emigatta bantu, eby'obufuzi, oba ebyenfuna, oba Obukyayi okuva mubannamawulire oba Okutya okuva mubantu abalala. Obulimba n'ebirowoozo ebikyaamu ebibadde bisaasanyizibwa ku Busilamu. Ekisumuluzo ekikutuusa ku kutegeera obusilamu n'abasilamu kwekurekera awo okubulamula nga osinziira ku muntu kinnomu, wabula twekkaanye buli mbeera nga tusinziira ku nsomesa nensonda ezeesigika

## *Endowooza enkyaamu esooka -*
## "Abasilamu tebagabana ku birungi byabwe nebyo ebyomugaso n'abantu abatali basilamu".

Abantu abamu bagamba nti enneeyisa z'obusilamu zawukanamu nenneeyisa zabasilamu mumawanga amalala. Kino kiyinza okusembelera amazima.

***Nabbi Muhammad (Ebyeengera n'emirembe bibeere kuyye) yagamba nti: "asinga obulungi mu mwe yooyo ayina empisa ennungi n'enneeyisa ennungi"***
***Ahmad 24204***

Abasilamu bakuuma nnyo ebyo ebyamakulu era e'byomuwendo okugeeza nga;

- Okubeera abesiimbu n'abeerufu
- Okubeera n'emmizi (okkuuma ebyama)
- Obutasindikiriza bantu balala kukkiririza munzikiriza endala
- Okuwa ekitiibwa abazadde, abenganda, emirilwaano n'abantu abakulu.
- Okubeera abagabi, abesimbu n'okulabirira abaavu n'abetaavu.
- Okubeera ab'ekisa eri emirirwano
- Obutalimba, obutakumpanya, obutalayirira kubulimba n'obutageya bantu balala

Abasilamu batekeddwa kwongera bulungi eri abo bebawaangalilamu era n'okubeera nga beyisa munneeyisa ekyasinze okubeera nga nnungi n'okukola ebikolwa (enneeyisa) ennungi.

## *Endowooza enkyaamu ey'okubiri*
## Eri nti abasilamu basinza katonda amanyikiddwa nga Allah

***Abasilamu basinza Katonda omu nga ba Nabbi Nuuh, Ibrahim, Musa ne Isa (Jesus) gwe basinza olubeerera.***

Ekigambo (Allah) kigambo kyalurimi luwalabu ekitegeeza Katonda ow'ekitiibwa. Era nga kigambo ekiyina amakulu amangi nti Katonda ali omu mubw'omu bwe era nga ye Allah.

Allah kyekigambo kyoluwalabu nga era abatali basilamu bwe bakozesa ekyaabwe okutegeeza Katonda.

Newankubadde, nti Abasilamu, abayudaaya n'abalokole bakiririza mu Katonda y'omu (oyo omutonzi), endoowoza yabwe kunsonga ya Allah eyawukanira watono.

CONTENTS






Okugeza nga, abasilamu bawakanya endowooza egamba nti Katonda ayina omwagalwa oba nti Yye (Katonda) ali kitundu mu basatu (yesu kristo, omwana n'omwoyo omulamu), era bbo bakakasa nti obutuukirivu obubuna bwa Katonda (Allah ow'ekitiibwa).

## *Endowooza enkyaamu eyo kusatu*
## **"Obusilamu bukiriza obutujju"**

Emitimbagano okutwaliza awamu gissaawo ekifaananyi nti buli musilamu alwaana nga mutujju, nga tebafuddeyo oba balwanilira bwenkanya oba butali bwenkanya oba batuntuza balala oba batuntuzibwa.

Mulutalo, okulumba omuntu atayina kyakulwanyisa, kiba kikolwa kikyamu nnyo obusilamu bukiwakanya (bukigaana). Eky'amazima, abasilamu tebakirizibwa kusanyaawo bimera yadde ebisolo awatali nsonga, kababeere abantu ababulijjo. Newankubadde kyamugaso okwawula wakati w'obutujju ne tteeka eliwakanya, bino byombi bya njawuulo nnyo nga bwolaba ekyelu n'ekiddugavu.

Ekitabo ekitukuvu Kuraane kinyonnyola bulungi obukkatirivu obuli kukutta omuntu atayina musango era nekikkatiriza omuwendo gw'omuntu.

***"Omuntu atta omuntu awatali nsonga aba ng'asse abantu bonna, n'omuntu ataasa omuntu, aba ng'ataasiza abantu bonna"***

Kuraane 5:32

## *Endowooza enkyaamu ey'okuna*
## **"Obusilamu butulugunya abakyala"**

Mubusilamu, Abaami n'abakyala balabilwa kyenkanyi mu maaso ga Katonda, mumbeera nga bombi bafuna empeera kyenkanyi era babalibwa kyenkanyi kwebyo byebakola. Ekintu kyokka ekyawuula abantu mu maaso ga Katonda gwe mutendeera gwe bikolwa byabwe.

***"Mazima abasinga ekitiibwa mu maaso ga Katonda y'abasinga okutya Katonda."***

Kuraane 49:13

Luno olunyiriri olukakasa nti ekitiibwa ekituufu n'e mbeera tefunibwa lwakuba nti omuntu mugagga oba mwaavu, muddugavu oba mweru, musajja oba mukazi, wabula kifunibwa luvvanyuma lwa bikolwa n'okwewaayo.

Abakazi baawebwa ekitiibwa n'okugulumiza okusinga, okugeza nga, eddembe elyo kusasulwa ekyenkanyi, omukisa okulonda omubeezi, eddembe eli soma, ne eddembe elyawukana mubufumbo n'okufuna emmaali y'obusika.

Eky'ennaku, abasilamu abamu abakyala batulugunyizibwa era nga tebaweebwa ddembe. Guno simusaango gwa busilamu. Obuzibu buli nti mu nsi ezimu, abantu bagobelera ebikolwa by'ennono n'obuwaangwa ebitayina kakwate kubusilamu.


***Katonda, oyo Omutonzi webikula byombi (Abaami n'abakyala), yawa obuvunanyizibwa n'emirimu ejjenjawulo buli omu, n'ennamula ezenjawulo.***

CONTENTS































## *Endowooza enkyaamu ey'okutaano*
## "Kuraane nvumbule oba kitabo kya ngero ngebirala"

Kuraane byebigambo bya Katonda Omusaasizi, ela ky'ekitabo ekyassibwa ku Nabbi Muhammadi (Ebyengera bibeere ku yye), nga biyita mu Malaika Jibriel. Yensibuko y'amazima, nga kilimu okulungamya kwa bantu mu bulamu. Kuraane esomesa emiteendera gya mirembe ejaasooka ne ebyafaayo bya ba Nabbi mumbeera nti tusobole okuyiga okuva mubumanyirivu bwabwe. Eyongera n'etusomesa kuffe ffenyini n'omutonzi waffe, era n'okumanya omugaso ogwa tutonza ogwo kumanya Katonda, okumusiinza Yye yekka.

***Engeri esinga okutulaga Kuraane kye kwatako, kwe kugyesomera gwe nga wennyini.***

Katonda teyatonda bantu lwa'muzannyo(awatali nsonga) ela teyatuleka awo nga abatayina mulamwa. Okugezesa okukkiriza kw'omuntu kuli mu kukozesa magezige, okulowooza, n'obusobozi okwebuulirira n'okutegeera obubonero bwa Katonda – akabonero akasinga obukulu nga ye Kuraane.

Kuraane erimu muyyo ebya'magero bingi, nga tetusobola kubuusa buusa mazima gaayo.

## *Endowooza enkyaamu eyo Mukaaga*
## "Okwebikkirira Kutegeeza Kutulugunya"

Obukulu bw'okwebikkirira, abakyala abasilamu bateekeddwa okwebikkirira mubujjuvu emibiri jaabwe ne engoye ezitalaga nkula yaabwe mu maaso g'abo abatabayinako kakwate mubaami.

Newankubadde, okwebikkirira tekiri kwekyo kyoka ekyo kungulu ekilabwako; wabula kiri ne kunjogera ennungi, ensa n'okweewa ekitiibwa mu nneeyisa.

Newankubadde mulimu emigaso mingi mukwebikkirira, ensonga enkulu lwaaki omusilamu omukyala atekeddwa okwebikkirira eri nti, teeka okuva eri Allah (Katonda), Yye yamanyi ekisinga obulungi eri ebitonde bye.

Okwebikirira kuwa omukyala amaanyi nga kuggumiza obukulu bwo bulungi bwomunda, okusinga endabika y'okungulu. Kiwa abakyala eddembe okuba abajagu jagu webawangaalira, wabula nga bakuuma ensa zaabwe.


Okwebikkirira sikabonero ka kukweeka, kutulugunya oba kusirisibwa. Wabula, kutangira okukkakkanyizibwa, kutyoboolebwa, okwegwaanyiza okuteetaagisa wamu okusosolebwa. Nabwekityo omulundi omulala bwolaba omusilamu omukyala, manya nti abikkirira ndabika ye eyo kungulu, sibilowoozo bye oba okutegeera kwe.

CONTENTS































## *Endowooza enkyaamu eyo musaanvu*
## **"Abasilamu bbona bawalabu"**

Ensoga ssi bw'etyo bweli, bboka 20% abasilamu mu nsi be bawalabu, kitegeeza nti nga 80% abasilamu sibawalabu. Okugeza nga, waliyo abayindi n'aba Indoneziya abasilamu bangi n'okusinga abawalabu abasilamu.

Obusilamu busomesa nti omuntu taba wamaanyi ku mulala lwa gwanga oba langi, era buwakanya nnyo engeri zonna ezisosola. Obusilamu buyina obubaka obubuna eri abantu bonna – nga bwekiri, nti buli omu asobola okufuna eddembe n'okwesiima nga ategedde n'okusiinza Katonda Omu owa Mazima.

## *Ndowooza enkyaamu eyo munaana*
## **"Okulwana Entalo zo Butujju"**

Amakulu g'okulwana olutalo kwe kulwana n'okwesaddaaka kulwe ddini mumpisa enungi eyinza okusanyusa Katonda. Mulunyanyimbe, kitegeeza "okulwana" era kisobola okutegeeza okuyaayana okw'omuntu okukola obulungi, okusaddaka, oba okwegatta ku kulwana okwo busilamu. Ekimanyikiddwa ennyo mungeri y'olutalo lwa maje olukkirizibwa mumbeera y'okukuuma eddembe mu kitundu, okutaasa obusosoze okusasaana, n'okutumbula obwenkanya. Kino kisobola okujjila mukyifaanany ky'okwekuuma oba okulumba, okusinzira kumbeera ebaawo.

## *Endowooza enkyamu eyo mwenda*
## **"Abasilamu Basiinza Muhammadi oba Katonda Njuba"**

> ***Obusilamu busomesa abasilamu okuwa ekitiibwa bona Nabbi ba Katonda n'ababaka – naye okubawa ekitiibwa n'okubagala tekitegeeza ku basinza.***

Ela endowooza enkyamu endala eri nti abasilamu basiinza Omubaka Muhammad (Emirembe gibeere ku yye). Ki neeno sikitufu yadde, kino kyangu kyakufumitiriza ne kyo ekigambibwa ku mubaka (Emirembe gibeere ku yye): "Ttemuntendereza kisusse nga abatali basilaamu bwe baatendereza ennyo Yesu, omwana wa Maria. Nze ndi muddu, nolwekyo mugambi nti omuddu era omubaka wa Katonda." Al Bukhary (3445)

Ela waliwo endowooza endala ate nga nayo ssi ntuufu egamba nti abasilamu basiinza "Katonda Njuba" ekitali kituufu yadde. Okusinza enjuba, oba ekintu kyona ekitali Katonda, tekikirizibwa mubusilamu ela obeela ogasse ku katonda ekintu ekilala.

***"Temuvunnamiranga enjuba wadde omwezi okuggyako muvunnamirenga Katonda Oyo eyabitonda, bwe mubera nga Ye yekka gwe musinza."***


Kuraane 41:37

Obusilamu bukkiririza mubujjuvu bwobutuukirivu, obwamanyi n'obwenjawulo bwa Katonda obutaliko ndagaano yadde. Katonda ya singa obwenkanya era yasinga obusaasizi. Okumusinza Yye yeka kye kyomugaso ekyo kukkiriza ekisingayo mubusilamu, nga bwe bweky'ogerwa mu Kuraane nemu bigambo bya bya Nabbi bonna.

CONTENTS
























## *Endowooza enkyamu eye Kkumi*
## "Obusilamu Bukiriza Obufumbo Obukake"

Ensonga zo'bufumbo munsi yonna zigobelela enteekateeka nenzikiriza zo'buwangwa enzenjawulo, ekyo nno kilanga nti obufumbo obukake tebuli ku busilamu bwokka, newankubadde nga ba'kiteeka ku busilamu olwekigendererwa eky'okwonoona ekitiibwa ky'obusilamu.

Mubusilamu, bombiriri abaami na bakyala bayina eddembe okukkiriza oba okugaana oyo gwa aba agenda naye mubufumbo. Nabbi Muhammadi (Emirembe jjibeere ku yye) ya gamba: "Omukazi abadde omufumbo (Thayyib) ayina eddembe elinji ku yye n'okusinga abo abamulabilira. Era mbelera naye ayina okwebuzibwako, era okusilika kwe kutegeeza kukiriza." Muslim (1421)

## *Endowooza enkyamu eye Kkumi neemu*
## "Obusilamu bukaka abantu okuba abasilamu"

Newankubadde buvunanyizibwa eli abasilamu okukoowoola abantu bonna eli obusilaamu no'saasaanya ekigambo kya katonda, okujjako nti tewali ayina kukakibwa ku kkiriza busilamu. Okukkiriza obusilamu, omuntu ayina kweyagalira na kwesiimira kukkiriza na kugondera Katonda, nabwekityo, n'okunyonyola, tewali ayinza (oba kuba) nga akakibwa okukkiriza obusilamu.

> ***Katonda agamba, " Tewali kuwaliriza muntu kumuyingiza lwa mpaka mu ddiini; Mazima obulunngamu bweyolese nga bwe yawula ku bubuze."***
>
> Kuraane 2:256

Bino bifeko wa manga:

- Indonesia yeyina abasilamu abanji mumugatte kyoka nga tewali ntalo zali zilwaniddwayo okuleta obusilamu eyo.
- Waliwo obukadde 14 obwa bawalabu abatali basilaamu naye nga babadde bawangalira mutima gwa buwalabu okumala ebyasa.
- Obusilamu bwe bumu kunzikiriza ekyasinze okukula maangu mu nsi yamambuka leero.
- Newankubadde okulwanyisa obusosoze n'okutumbula obwenkanya zensonga ezisinga ezivaako olutalo, okukaka abantu okuyingira obusilamu sikyekimu kkuzo.
- Abasilamu baafuga Spain okumala emyaka 800 naye tebaakakako bantu kukyuka.

## Okufundikira

Okuyiga obusilamu ova kunsonda eziteesigika nga teziyina bukakafu kyabulabe era kituusa kunjawukana. Tobeera mubabuze nga okkiriza endowooza enkyamu n'obubaka obwo bulimba ku busilamu, okutuusa bwo'kakasa nti ebigambo byo'wulila ku busilaamu obijja munsonda ezeesigika, eddini elimu abantu abanji munsi yonna tesobola kubeela kwe'yo embeela nga abantu abatayagala ddini webabisala..

Mazima eno ddini ya milembe nakusaasila eli abantu bonna, ela obubaka bw'ayo bwetaaga okusomwa no'kwetegerezebwa na magezi aga waggulu ennyo nga tetunnaba kukola kulamula kutali kutuufu kuyyo.

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW
YESU: OMUBAKA WA KATONDA
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU
KURAANE ENTUKUVU
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU

LUGANDA (08/10) حقوق المرأة في الإسلام FREE COPY

*Aweebwa ekitiibwa, agulumizibwa era wa bbeeyi.*


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

تصريح رقم: (2017/139)
دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department


www.islamicic.com

CONTENTS































# ENNYANJULA

Kirowoozebwa (mu bukyamu) nti omukazi mu Busilaamu afugibwa obumbula, anyomebwa era akabassanyizibwa.

> *“Abakyala abo bateekeddwa okuweebwa nga ekyo nabo kyebateekeddwa okuwaayo eli ba bbaawe mungeri ennungi "*
>
> Kuraane 2:228

Naye abaffe bw'atyo bw'ali? Abaffe obukadde n'obukadde bw'Abasilaamu bali awo bayisa buyisa bubi abakyala, oba zino ndowooza nkyamu ezaatemererwa emikutu gy'empuliziganya egirimu kyekubiira?

Okuviira ddala emabega ebyasa ebisukka mu myaka 1400, Obusilaamu bwawa abakyala eddembe lyabwe lye baali bateeyagaliramu mu mawanga ga Batali basilaamu age bulaaya okuggyako mu myaka nga abiri (20) ejaakayita. Mu myaka gya 1930, Annie Besant yekkanya nti: “Bungereza Enkulisitaayo yakkiriza omukyala okuba n'obwannannyini ku bintu, sso nga bbwo Obusiraamu bwakkiriza dda eddembe lye eryo ekiseera kyonna. Mazima ddala kuba kutemerera kwennyini okugamba nti Obusilaamu busomesa nti omukazi talina mwoyo. Soma ekitabo “The life and teachings of Muhammad, 1932”, ekivuunula nti, “Ebyafaayo bya Muhammad n'ensomesa ze) – 1932.

Abasajja n'abakyala bonna baava mu muntu omu, nga ye Nabbi Adam, emirembe jibeere kuyye. Era Obusilaamu tebukkiriza mulimu gw'omu okuva mubo okuggyako nga guzimbiddwa ku bwenkanya n'okweyisa obulungi

# OBWENKANYA MU MPEERA N'OBUVUNAANYIZIBWA

Abasajja n'abakyala bonna basinza Katonda mu ngeri yeemu. Amakulu nti basinza Katonda y'omu (Allah), era bakola emirimu gy'okusinza katonda gye gimu, era bagoberera ekitabo kye kimu ekitukuvu (Kuraane), era beekwata ku bye bakkiririzaamu bye bimu.

Ekigambo Allah kyaluwalabu ekitegeeza Katonda Omu owamazima asinzibwa), alamula abantu bonna n'alamuza obwenkanya n'obutabaamu kyekubiira. Era Katonda ow'ekitiibwa yakkaatiriza ensonga y'obwenkanya mu nkolagana ne mu kusasula empeera wakati w'abasajja n'abakyala mu Aya nyingi nnyo eza Kuraane.

*“Katonda yalagaanyisa abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakyala Ejjana ekulukutira wansi waayo emigga n'ebisulo ebirungi mu Jjana (eyitibwa)"*

Kuraane 9:72

*“Mazima Nze siyonoona mulimu gwa mukozi yenna mu mmwe, k'abe omusajja oba omukazi kubanga abamu bava mu bannaabwe.”*

Kuraane 3:195

Aya zino zitunnyonnyola nti empeera yeesigamizibwa ku mirimu gya muntu so ssi ku kkula lye. Enkkula terina kitundu kyonna kyezanya mu kusasula muntu yadde okumulamula.


Bwe tugeraageranya Obusilaamu ku madiini amalala, tukiraba nga Obusilaamu buwa obwenkanya wakati w'abantu ab'ekkula ery'emirundi ebiri.

CONTENTS

































Eky'okulabirako, Obusilamu bugaanira ddala endowooza egamba nti Hawwa (Kaawa) y'asinga okunenyezebwa okusinga ku Adam olw'okulya ku kibala ekyabaziyizibwa. Naye okusinziira ku Busilaamu, Adam ne Hawwa bombi baasobya, era beenenya era Katonda bombi n'abasonyiwa.

# OBWENKANYA MU KUNOONYA OKUMANYA

Omusajja n'omukyala bombi bakubirizibwa mu ngeri y'emu okuba nga banoonya okumanya kyenkanyi, Nabbi Muhammad (Emirembe jibeere kuyye) yagamba nti: "Okunoonya okumanya kya bwatteeka ku buli Musiraamu".

Mu ngeri y'emu waali wabaddewo abakyala abayivu nga Basilaamu ku mulembe gwa Nabbi (Emirembe jibeere kuyye), abamu nga bava mu bantu b'enju ye, ate abamu nga bava mu Bagoberezi be oba mu bawala baabwe, era nga mubo eyasinga okwatiikirira ye Aisha, mukyala wa Nabbi, nga kimu kya kuna ky'Obusilaamu kyatutuukako kuva ku yye.

Waliwo n'abakyala abalala abaali abakenkufu mu ddiini nga abamanyi abaatiikirivu ennyo baasoma kubo.

# OBWENKANYA MU DDEMBE LY'OKWESALIRAWO OMUBEEZI

Obusilaamu bwawa omukyala ekitiibwa ne bumuwa eddembe lye ku kusalawo omubeezi n'okusigaza erinnya ly'ekika kye bw'aba nga afumbiddwa. Ewamu n'ekyo, bangi balina endowooza nti abazadde bakaka bawala baabwe okufumbirwa. Enkola eyo ya buwangwa era mu mazima terina musingi gwonna mu Busilaamu kweyimiridde, era kino tekikkirizibwa.

Ku mulembe gwa Nabbi (Emirembe jibeere kuyye), omukazi yagenda gy'ali n'amugamba nti: "Kitange yanfumbizza omwana wa kitange omuto mu kukakibwa nti asobole okusitula omutindo gwe (mu bantu)". Nabbi (Emirembe jibeere kuyye) n'atumya taata w'omuwala, era nga naye waali. Yawa omuwala eddembe lye asalewo oba asigala nga mufumbo mu bufumbo obwo oba okubusazaamu Omuwala nayanukula nti: "Owange Omubaka wa Allah! Nzikirizza taata kye yakola, naye mbadde njagala kulaga abakyala, nti abasajja (abazadde) tebalina nsonga yonna (kutusalirawo) ku nsonga eno".

# BENKANANKANA NAYE BA NJAWULO

Ewamu n'okuba nga abasajja n'abakazi beeyagalira mu ddembe ly'erimu okutwalira awamu, naye eddembe lyabwe n'obuvunaanyizibwa obw'enjawulo era obwabaweebwa tebukwatagana. Abasajja n'abakazi balina eddembe lyabwe n'obuvunaanyizibwa bwabwe naye nga bujjuuliziganya.


Nga tetutunuulidde njawukana ez'obutonde eza wabweru w'omubiri ne munda, abakugu mu sayansi, bakimanyi bulungi nti waliwo ate era okwawukana kungi mu ngeri obwongo gye bufunamu okumanya,

CONTENTS
































okwagala mu mutima wakati w'amagazi ag'omusajja n'omukazi. Eky'okulabirako naye nga tuleseeyo bingi

Omukugu mu by'enkula y'ebintu ebiramu mu mbeera zaabyo ey'awamu ayitibwa Edward O Wilson ow'ettendekero ekkulu (University) eriyitibwa Harvard yagamba nti: "Abawala mu mbeera zaabwe bali waggulu nnyo ku balenzi mu bisomwa obusomwa, okulumirwagana n'ebyekikugu mu bulamu obwa bulijjo, ate nga abasajja – nga olina ebirala by'otadde ku bbali – bbo obutonde bwabwe bali nnyo waggulu w'abawala mu bintu omuli okwetengerera, okuba waggulu, eby'obukugu mu bifo n'ebibaamu okubala, amadaala aga waggulu agalina akakwate n'obulumbaganyi n'ebyenkizo ebirala.

Kyalibadde kya bwongo butono abantu ab'ekkula ery'enjawulo (omusajja n'omukazi) okubayisa mu ngeri y'emu n'obuusa amaaso okwawukana okuli wakati waabwe mu butonde.

Obusilaamu busomesa nti abasajja n'abakazi balina emirimu gye bakola egijjuliziganya, naye nga ggyo gya njawulo, kubanga gye gisinga okukwanagana n'obutonde bwabwe

*"Omulenzi talinga muwala".*
Kuraane 3:36

*"Abaffe oyo eyatonda tamanyi ate nga ye mukwata mpola omukenkufu".*
Kuraane 67:14

# OBUMU BWA MAKA

Katonda yatonda abasajja n'abakazi babe ba njawulo, nga balina emirimu egy;enjawulo, obukugu obw'enjawulo n'obuvunaanyizibwa obubeeyawulidde. Enjawulo eziri wakati waabwe tezitunuulibwa nga bujulizi obulaga obwa waggulu oba obwa wansi, wabula kulaga buli omu kye yeeyawulidde nakyo okukola.

Amaka mu Busilaamu galina obukulu bwago obw'okumwanjo; omusajja avunaanyizibwa ku nkulaakulana ya maka mu byenfuna nebyo ebikalu, ate omukazi yye yeetaba mu nkulaakulanya y'abaana mu ndabika, mu kugunjula ne mu kwagala. Era kino kyongera amaanyi mu kuyambagana mu kifo ky'okwevuganya, nga bayita mu kutuukiriza obuvunaanyizibwa obuwaanyisiganyizibwa, nemuvaamu amaka ag'amanyi n'oluvannyuma kufuna abantu ab'awamu abaamannyi.

Mu ngeri y'emu, ku ludda lw'omutima, abasajja n'abakyala tebayinza kuwangaala mubulamu bwakwesiimisa awatali bannaabwe, Katonda anyonyoola bulungi kino nga agamba nti:


*"Bbo (abakyala) kyambalo kyammwe nammwe muli kyambalo kyabwe.)"*
Kuraane 2:187

Engoye zireeta eddembe, olubugumu, emirembe, nga kw'otadde okuba nga omuntu yeeyongera okulabika obulungi, era bw'etyo enkolagana wakati w'abafumbo ababiri weerabikira.

CONTENTS
























# OMUKWANO, OKUSAASIRA MU NKOLAGANA EY'OBUFUMBO

> *"Obumu ku bubonero bwe (Allah), kwe kuba nga yabatonda nga aggya mu mmwe kennyini abakyala, mutebenkerere gye bali, n'ateeka wakati wammwe omukwano n'okusaasira, mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza".*
>
> Kuraane 30:21

Nabbi (Emirembe jibeere kuyye) yakubiriza abasajja abafumbo okuyisa bakyala baabwe mumpisa ezisinga okuba ennungi. Yagamba nti: "Abasinga obulungi mu mmwe, y'oyo abasinga okuyisa obulungi abantu be (bakyala be)".

Aisha (Allah amusiime), mukyala wa Nabbi yabuuzibwa ku nneeyisa ya Nabbi awaka we, n'agamba nti: "Nga omu mu mmwe mu maka ge, naye yali abasinga ekisa n'obugabi. Era yalinga mwetegefu okuyambanga ku bakyala be mu mirimu gy'awaka egya bulijjo. Yalinga atunga engoye ze era nga alongoosa engatto ze... okutwaliza awamu yalinga ayambako ku buli mulimu gwonna bakyala be gwe baalinga bakola.

# EKIFO EKYA WAGGULU EKYA BAMAAMA N'ABAWALA

Maama alina kinene ky'akyusa ku mwana, okusingira ddala mu myaka egisooka olw'ekisaakye ky'amulaga, okulabirira kwe n'omukwano gwe. Teri kubuusabuusa nti abantu okutwalira awamu okutuuka ku buwanguzi, ekyo kiva ku bamaama. Olw'ensonga eyo, obusilaamu bwakitwala nga buvunaanyizibwa bwabwe okuba nga bubawa ekitiibwa n'okusitula ekifo kyabwe.

Katonda yagamba mu Kuraane:

> *"Twalaamira omuntu okuyisa obulungi bakadde be ababiri, maama we yamusitulira (mu lubuto lwe) mu buzibu era n'amuzaalira mu buzibu".*
>
> Karaane 46:15

Lumu Nabbi (Emirembe jibeere kuyye) yabuuzibwa nti: "Owange Omubaka wa Allah? Mu bantu bonna ani asinga okuyisibwa obulungi? N'agamba nti, maama wo. Omusajja n'amubuuza emirundi ebiri nti oluvannyuma ani? N'amuwa ennyanukula yeemu. okutuusa ku mulundi ogw'okuna Nabbi we yamugambira nti: "Oluvannyuma taata wo".

Mazima empeera teweebwa ku kyakuyisa buyisa bamaama bulungi, wabula mu butuufu Obusiraamu bwassaawo empeera ey'enjawulo ku kukuza obulungi abaana abawala.

Nabbi Muhamadi (Emirembe jibeere kuyye) yagamba nti: "Yenna Katonda gw'aba agabidde abawala babiri, n'alongoosa gye bali, bagenda kumubeerera ensonga y'okuyingira kwe Ejjana".

CONTENTS




# OKUWUNZIKA

Nga Nabbi (Emirembe jibeere kuyye) tannatumwa, omukyala yali atwalibwa nga kintu kya buswavu, nga abawala abato baziikibwa nga balamu, nga obwamalaaya bwakyaka nnyo, nga okwawukana mu bufumbo kiri mu mikono gya mwami yekka, nga emmali y'omufu etwalibwa baamaanyi bokka, nga okunyigiriza kuli waggulu nnyo, Obusiraamu ne bujja ne buwera enkola ezo.

Yadde na kati mu nsi ezaakulaakulana.......omukyala taweebwa kitiibwa na kugulumizibwa nga otadde ku bbali n'omusaala ogwenkana ogw'omulimu gw'omusajja gw'koze. Wabula bbwo Obusiraamu bumutwala nga wa kitiibwa era wa bbeeyi, atasaana kunyomebwa na kuyisibwamu maaso. Wabula okuyisa obubi abakyala mu mawanga agamu agali mu masekkati g'obuvanjuba bw'ensi (Middle East) oba famile eza' basilaamu kiva kunsonga z'obuwangwa abasilaamu abamu zebagobelera mubukyamu. Yye abaffe lwaki abakyala banji bayingira eddiini y'obusilaamu nga beesiimidde weeba nga eddini enyigiliza abakyala?

Tukomekkereza na bigambo bya Mukama Katonda, Omulezi waffe, era Omulezi wammwe, Omutonzi w'abasajja n'abakyala era Omugabirizi waabwe.

*"Mazima Abasilamu abasajja n'abasilamu abakyala, n'abakkiriza abasajja n'abakiriza abakyala, n'abasajja abagondera Katonda, n'abakyala abagondera Katonda – n'abasajja abakkiriza ab'amazima n'abakyala abakkirirza ab'amazima n'abasajja abagumiikiriza n'abakyala abagumiikiriza, n'abasajja abeewombeeka, n'abakyala abeewombeeka..... Katonda yabateekereteekera okusonyiyibwa n'empeera ennene."*

Kuraane 33:35

HOTLINE
+971 56 204 2045
islamicicdxb
islamicic.com
info@islamicic.com
+971 4 355 5223
DOWNLOAD LUGANDA FLYER
www.iicdxb.com/luganda

## CONTENTS



ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW — KIGWANA OKUMANYA OMUSAJJA ONO
YESU: OMUBAKA WA KATONDA — Abasilaamu Baagala Yesu (Nabbi Isa)
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU — Tewali kintu kyona kya'manyi kusinga Mutonzi
KURAANE ENTUKUVU — Obubaka obwasembayo okkuka eri abantu
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAAMU — Aweebwa ekitiibwa, agulumizibwa era wa bbeeyi.
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU


# EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE

LUGANDA | (09/10) العلوم في الإسلام | FREE COPY

*"Tujja kubalaga Obubonero Bwaffe mu mpuuyi z'ensi ne kumyoyo gyabwe bo bennyini okutuuse kibeeyolekere nti ddala kyo ky'obaleetedde kya Mazima"*

***Kuraane 41:53***





Dar Al Ber Society
www.daralber.ae
الإمارات THE EMIRATES
Your Path To Peace..
مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام
www.islamicic.com
تصريح رقم: (2017/139)
دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department

CONTENTS



























Kuraane, kyekitabo kya'bakkiriza (obusilamu), era kyekitabo ekyasembayo okukka okuva ewa Katonda eri abantu era kye kyasembayo mu lunyiriri lw'okukka (Kuraane) okuweebwa ba Nabbi.

Newankubadde Kuraane (yakka emkaya 1400 emabega), si kitabo kivumbule mubya sayansi, kitabo kirimu ebilaga ebyekuusa ku mazima g'ebivumbule ebyo ebyakajja bivumbulwe jjuzi nga bakozesa tekinologiya abanguddwamu n'okumanya okwekusifu. Obusilamu bukubiriza okwekenneenya n'okuvumbula olwokuba okutegeera ebitonde enkula yaabyo kiyamba abantu okwongera okusiima Omutonzi n'obunji bwa manyi Gge na magezi Gge.

Kuraane yassibwa mubiseera nga okuvumbula kw'ali kwakatandika; nga tewali bitaangaza, ebilaba obuntu obutono yadde ekintu kyona ekiyinza okuseemberera tekinologiya wa leero. Abantu bakkiriza nga nti omusana gwe toloora ensi era eggulu liwaniliddwa mpajji kunsonda z'omuseetwe gwe nsi. Mukuwakanya ekyenyume kya kino Kuraane yakka, ng'elimu obweruffu obulaga obukenkufu bunji obw'amazima ku misomo egitambula okuva kuntabula y'ensi ku bitoonde, kunkula y'ensi ku bisolo.

Ebimu ku byekusifu ebingi ebyaddala ebyazuulibwa mu Kuraane mulimu:

## 1 Ensibuuko y'obulamu

Amazzi gajjibwayo nga ensibuko y'obulamu. Ebitonde byona byakolebwa mu butaffaali era nga obutaffaali obusinga bwakolebwa mazzi.

Kino kyazzulibwa oluvvanyuma olw'okuvvumbula ekitaangaza ekyekkanya obusimo obutono. Mumalungu ga bawalabu, kiyinza kuba kizibu kyakukirizisa muntu nti omuntu ayinza okuteebereza nti obulamu bwona obuli kunsi bwava mu mazzi.

> ***"Tuggya mu mazzi buli kintu ekiramu? Abaffe tebakkiriza?"***
> ***Kuraane 21:30***

## 2 Enkula y'eggi y'omuntu

Katonda ayogera kumiteendera eggi ly'omuntu gyerikulamu:

> ***"Mazima twakola omuntu nga tumuggya mu bbumba; Oluvannyuma ne tumufuula amazzi agazaala agali mu nnabaana omunywevu; Oluvannyuma ne tutonda okuva mu mazzi ago ekisaayisaayi, ate ne tutonda mu kisaayisaayi ekinyama, oluvannyuma netutonda mu kinyama amagumba, netwambaza amagumba ago ennyama..."***
> ***Kuraane 23:12-14***

Ekigambo "alaqah" kirina amakulu gamirundi esatu: olusiringanyi olunywa omusaayi, ekintu ekireebeeta mu banga oba ekisaayisaayi.

"Mudghah" kitegeeza ekintu ekigaayiddwa. Banna Sayansi bakakasa nti okukozesa ebigambo bino mu kunyonyola entonda y'omuntu kituufu nnyo era kikwatagana bulungi n'ebizuulidwa kunkola y'omuntu eno.


Bitono nyo ebyaali bimanyidwa ku nkula y'omuntu webeera ebaawo mu ntandika y'okutonda kw'omuntu, okutuusa wano mu kyaasa ekya 20. Kino nekitegeeza nti enyinyonyola y'eggi ly'omuntu mu lubuto nga bwelyogerwako mu Kuraane, tesobola kwesigamizibwa ku kumanya kwa bana sayansi okuviira ddala mu kyaasa ekya 7.

CONTENTS
































## 3 Okugaziwa kwe ensi

Mu kiseera nga sayansi webifa mu bwengula tannaba kukulaakulana olunyiriri luno mu Kuraane lwazuulibwa:

***"N'eggulu twalizimba n'amaanyi, ela ddala Ffe twaligaziya."***

**Kuraane 51:47**

Agamu ku makulu agagendererwa mu lunyiriri luno waggulu kwe kutegeeza nti Katonda agaziya obwengula (bw'eggulu). Amakulu amalala gagamba nti Katonda atugabirira, era alina obuyinza okwetooloola ensi yonna nakyo kituufu.

Ekikakasibwa nti ensi egenda eyagaagala (zi ssemaziga zigenda zisemberera zinaazo) kyazuulibwa mu kyaasa ekiwedde. Munna bya Sayansi Stephen Hawking mu kitabo kye ekiyitibwa "A Brief History of Time" yagamba;

"Okuvumbula okulaga ensi egenda eyagaagala, kye'kimu ku bye'kikugu ebitambudde mu kyaasa ky'amakumi 20.

Kuraane yakiriziganya n'ekyokwa gaagala kwe nsi nga n'ekyuuma ekitangaaza tekinnaba kuvumbulwa.

## 4 Ekyuuma Ekya Sindikibwa Wansi

Ekyuuma sikitonde ku ssemazinga gwetuliko, kyaava bweeru wa ssemaziga eno. Banna sayansi bakizuula nti obuwumbi bwe myaka mingi emabega, ensi eno yali ekoonebwako obutundu tundu bwe biyinja obwalimu ebyuuma nga biva ku munyenye ezaali zabise.

Katonda akoseza ekigambo 'okusindika wansi' waliwo obukakafu obw'amaanyi okuva mu banna sayansi obulaga nti ekyuuma kyasindikibwa okukka ku nsi nga kiva mu banga era nga kijjira mu butundu tundu bwe biyinja, ekyaali tekiyinza kumanyikwa mu kunonyereza okw'ekyaasa kye kumi n'amusanvu.

***"Twasindika wansi ebyuuma n'amaanyi gaabyo ag'ekitalo wamu n'emigaso emingi eri omuntu"***

**Kuraane 57:25**

## 5 Obukuumi Bw'eggulu

Eggulu likola omulimu munene nnyo okukuuma ensi eno n'ebintu byaakwo obutakosebwa maanyi amanji agava ku njuba, ate era n'obutakosebwa bunyogovu obusukkiridde obuva mu banga.

Katonda atulagira okutwaala eggulu mu ngeri eno:

***"Eggulu ne tulifuula akasolya akakuumibwa (obutagwamu). Naye era (abatakkiriza) obubonero bwaffe babulekawo (ne batabufaako)!"***

**Kuraane 21:32**

Kuraane eraga obukuumi bwe ggulu nga akabonero ak'amaanyi ga Katonda, embeera z'obukuumi ezazuulibwa mu kunonyereza okwakolebwa mu kyaasa ekya makumi abiri.

CONTENTS


ENYANJULA KU BUSILAMU
NABBI MUHAMMAD SAW
YESU: OMUBAKA WA KATONDA
AMAKULU GA KATONDA MUBUSIRAMU
KURAANE ENTUKUVU
KIGENDERERWA KI MU BULAMU?
ENDOOWOZA ENKYAMU KU BUSILAMU
EDDEMBE LY'ABAKYALA MU BUSILAMU
EBYAMAGERO EBYEKUSIFU EBYA KURAANE
OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU





## 6 Ensozi

Katonda atuyita twekkaanye eby'enjawulo ebikwata ku nsozi:

> "Abaffe ensi tetwagifuula nga ekyaliiro, ensonzi ne tuzifuula nga enkondo (eziginyweza obutayuuga)?"
> **Kuraane 78:6-7**

Kuraane ennyonyola bulungi emirandira gye nsozi emigumu nga ekozesa ekigambo "empagi". Okugeza, olusozi Everest luteeberezebwa okuba n'obugulumivu bwa kilomita 9 kyokka nga omulandira gw'alwo gukka wansi kilomita ezisuka mu 125.

Amazima agamanyiddwa nti ensozi zibeera n'empagi efaanana omulandira yali temanyiddwa okutuusiza ddala lwe baazuula ensoga eno kuntandikwa y'ekyaasa ky'amakumi abiri. Ela katonda atulaga mu kuraane (16:15) nti ensozi zikola omulimu gw'okunyweza ensi "obuteenyenya" ensonga eyaakazuulwa abamanyi bensi.




## 7 Enkulungo y'enjuba

Mu 1512, munnabwengula Nicholas Copernicus yaleeta endowooza ye egamba nti Omusana gubeera mu kifo kimu olwo zi ssemazinga nezitambula nga zigwetooloola. Endowooza eno yasaasaana nnyo mu banna bwengula okutuusiza ddala mu kyaasa eky'amakumi abiri. Kaakano waliwo obukakafu obulaga nti omusana tegubeera mu kifo kimu, wabula gwevulungula nga kusinzira ku kalandira kaagwo.

> Kuraane emenya nti:
> "Ye'yatonda(Allah) ekiro n'emisana enjuba n'omwezi, nga buli kimu kiseeyeeya mu kifo kyaakyo"
> **Kuraane 21:33**

## 8 Amayengo Agomunda Mu Ssemayanja

Wabaddewo endowooza eyabulijjo egamba nti amayengo gabeera kungulu kwokka ku Ssemayanja baakizuula nti waliwo amayengo agasangibwa wansi eyo agatalabika ku maaso ga bantu, nga gasobola kulabibwa nga weyambisa ebyuuma ebyekikugu.

CONTENTS




Kuraane emenya nti

*"... Ssemazinga omuwanvu ennyo nga abikiddwa amayengo, waggulu nga kuliko amayengo, ate nga waggulu waliyo ebire, emizingo gyekizikiza, kimu ku kinnaakyo..."*

**Kuraane 24:40**

Entegeera eno y'amagero kubanga emyaka 1400 emabega tewaaliwo bikozesebwa bya kikugu ebyaali bisobola okuzuula amayengo gano wansi mu ssemayanja.

## 9 Obulimba N'obutambuze

Waaliwo omukulembeze w'ennono eyali omukambwe era anyigiriza abalala mu biseera bya Nabbi Muhammadi (Emirembe jibeere ku yye). Katonda yalaga olunyiriri olwo kumulabula:

*"Mazima nedda! Bwanaaba teyekomyeko, Katonda ajjakumukwata ngayita mu kyeenyi; ekyeenyi kye ekijjudde obulimba n'obwononyi."*

**Kuraane 96:15-16**

Katonda tayita muntu ono mulimba, naye ekyeenyi kye kyavunaana obulimba n'obwononyi, namulabula abikomye. Amasomo ag'ekikugu gaazula nti ekitundu ky'obwongo bwaffe ekyomumaaso kyekivunaanyizibwa ku kulimba, wamu n'okwekyuusa, netukola ekibi. Emigaso gino gyazuulibwa nga beyambisa ebikozesebwa mu kukuba ebifaananyi mu malwaaliro, ebyatandika okukozesebwa mu kyaasa eky'abiri.


## 10 Ssemayanja Ebbiri Ezitatabula

Ku bikwatagana ne zissemayanja, omutonzi waffe agamba bwati:

*"Yasumulula zi Ssemayanja ebbiri, nezisisinkana, kyokka nga waliwo omuziziko wakati waazo kwezitasobola kuyitamu"*

**Kuraane 55:19-20**


Waliwo amaanyi ag'obutonde agayitibwa okusisinkagana okwokungulu, nga geegaziyiza amazzi agali mu zi ssemayanja eziriraanyiganye okwegatta nga kiva ku njawulo eri mu buzito bwa mazzi gano. Kyefaananyiriza nga ekisenge ekyo luwewere ekiri wakati waago. Kino nakyo kyakazuulibwa abakenkufu mubya ssemazinga.



CONTENTS


























# Kiyinzika okuba nga Nabbi Muhammadi yeyawandiika Kuraane?

Nabbi Muhammadi (Emirembe jebeere kuyye) ebyafaayo bitutegeeza nti teyali muyigirize, nga tamanyi kusoma yade okuwandiika era nga simutendeke mu nsonga eyinza kwesigamizibwako ebikuuno (ebyawandiikwa) ebiri mu Kuraane.

Abamu bayinza okugamba nti yabikopa ku bantu abaali abayigirize oba banna sayansi b'emirembe egyo. Singa byaali bikoppe, twandisuubidde okulaba endowooza za bannasayansi zonna n'ezitaali ntuufu nga nazo zikopeddwa.

Wabula ate twasanga nga Kuraane teriimu nsobi yonna k'ebeere ya sayansi oba endala.

Abantu abamu era bawanuuza nti Kuraane ezze ekyuusibwa nga bannasayansi bwebazze bavumbula ebintu ebipya. Kino tekisobola kuba kituufu kubanga ebyawandiikibwa mu byafaayo bikakasa nti Kuraane yakuumibwa mu lulimi lwaayo olwasookera ddala – Ate nga kyamagero.

# Kyagwawo bugwi? (kuraane)

Yadde nga akatabo kano katunuulidde ebyo byokka ebisuubirwa okubeera ebyamagero mu bya sayansi, waliwo ebyamagero ebikukunavu bingi nnyo ebyogerwako mu Kuraane; ebyafaayo ebyamagero; okwolesebwa okwatuukirira, ebye nnimi nempulikika zaazo ezitafaananyizika; nga ogasseeko nengeri gyebikwatagana mu n'abantu. Bino byonna ebyamagero tebisobola kuba nti byagwaawo bugwi. Biragira ddala ekya mazima nti Kuraane yava wa Katonda, omutonzi wa'mateeka gonna aga sayanzi. Yeyye yenyini Katonda eyasindika banabbi bonna nga balina obubaka obufaanagana – okusinza Katonda omu n'okugoberera enjigiriza ya banabbi be.

> *"Katonda ajjakubalaga obubonero mu bwengula, ate ne mu bbo benyini, okutuusa bwekineeyoleka gyebali nti Kuraane ge Mazima."*
> **Kuraane 41:53**

Kuraane kye kitabo ekirungamya era ekiraga nti Katonda teyatonda muntu kubeera awo nga ayenjeera. Wabula, kituyigiriza nti tulina egigendererwa ekyo mugaso ennyo mu bulamu – okugulumiza obutuukirivu obw'omu bwe era n'okumugoberera.

Kiri eri buli sekinoomu okukozesa amagezi ge n'okutegeera Katonda geyamuwa okufumiitiriza n'okussa ekitiibwa mu bubonero bwa Katonda – Kuraane nga ke kabonero akasinga okuba ak'omugaso. Soma era ozuule ebirungi n'amazima agali mu Kuraane, osobole okufuuka omuwanguzi!

HOTLINE
+971 56 204 2045
islamicicdxb
islamicic.com info@islamicic.com +971 4 355 5223
DOWNLOAD LUGANDA FLYER
www.iicdxb.com/luganda

CONTENTS




# OKUFFA N'OBULAMU OBUDDAKO MUBUSILAAMU

LUGANDA (10/10) الموت والآخرة في الإسلام FREE COPY

*"Buli mwoyo gwonna gwa kukomba ku kufa"*
*Kuraane 29:57*


جمعية دار البر
Dar Al Ber Society
www.daralber.ae

الإمارات
THE EMIRATES

Your Path To Peace..

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

تصريح رقم:
(2017/139)

دائرة الشؤون الإسلامية والعمل الخيري
Islamic Affairs & Charitable Activities Department


www.islamicic.com

CONTENTS



































# OKUFA KULI KUMPI NNYO

Okufa kwamazima era nga tewali alikudduka. Okufa kubaawo buli lunaku, buli saawa, buli ddakiika. Okusinzira ku CIA's Ekitabo kyebyafaayo munsi 2007, abantu babiri bebaffa buli ddakiika eyita. Ekyo kitegeeza nti Obukadde 57.9 obwa bantu bwebuffa buli mwaka! Buli mwooyo gwa kutuuka kukaseera kano akateewalibwa. Nga tekasosola myaka, mulamu oba simulamu, mugagga oba mwavu, oba oli w'amaanyi.

***"Wonna we mulibeera okufa kugenda kubatuukako, newankubadde nga mubadde mu mizimbo eminywevu!"***
***Kuraane 4:78***

Abaatukulembera (Abaasooka muffe) baliwa? Bakabaka, Bannagagga nabo ab'amaanyi? Baliwa abo abeeyita nga abalungi, abaatikirivu n'abakenkufu abebuzibwako?

# AMAZIMA G'OKUFA

Okufa tekulinga kabenje, wabula kwekuyita mubulamu buno obwo kunsi netugenda mubulamu obuddako. Kino kituyamba okumanya amakulu g'obulamu nekyo ekiribeerawo oluvannyuma lw'okufa kwaffe.

Mukama Katonda (Allah) atugamba mu kitabo ekitukuvu Kuraane nti (Yatutonda n'ekigendelerwa kya kumusinza Yye mubw'omu bwe era buno obulamu yabututondera nga kigezo okulaba abali kituukiriza ekigendelerwa kino.

"Saatonda amageege n'abantu kukola kirala kyonna wabula okunsinza."

***Kuraane 51:56***

Mukama Katonda (Allah) era yayongera n'atutegeeza omugaso oguli emabega wokutonda kw'okufa n'obulamu:

"Oyo (Allah) Katonda y'eyatonda okufa n'obulamu alyoke abagezese alabe ani mu mmwe asinga okukola obulungi."

***Kuraane 67:2***

Omuntu teyetegekera kufa nga asasula ssente eziri muziika oba sanduuke (saanda) mwebali muteeka mubwangu. Okwetegeka kiri kumuntu kutuukiriza kigendelerwa ekya mutonza eky'okusinza omutonziwe (Allah) mubw'omu bwe, okuwangaalira kumateeka ge n'okukola obulungi. Essira ly'okusinza mubusiraamu libuna kubintu binji wabula telyetooloolera ku kusaala kwokka. Era ekikolwa kyonna ekisanyusa Allah (Katonda) kibalibwa nga okusinza, era omuntu aba akikoze ajja kufuna empeera ye wano kunsi ne muggulu (nekunkomelero).

CONTENTS






# AKASEERA K'OKUFA

> "Buli mwoyo guteekwa gutunuulire ekyo kye gukulembeza mu mirimu ku lw'olunaku lwenkya."
> **Kuraane 59:18**

Buli lunaku tulaba eby'okulabirako eby'enjawulo eby'okufa. Fenna tweegomba okufa okw'emirembe okutaliimu bulumi yadde embeera eyesittaza. Newankubadde, eno siyensonga. Omuntu bwaffa. Omwooyo gwe gwawukana n'omubiri gwe, era endabika ye (ey'omubiri) eyinza obutakyuuka kujjayo kifaananyi kituufu eky'embeera omwoyo mwe guli essaawa eyo. Obutebenkevu oba obunkenke bw'omwoyo bwebujjayo embeera entuufu omuntu gy'abadde yeyisaamu kunsi, era guba n'ekyokkola kitono kunsonga ekuviliddeko okufa.

Twaala eky'okulabirako eky'abantu babiri nga bayina tiketi ebatwaala omulundi gumu (nga tebazza) ate mukifo kyebatatuuka ngamu. Nga omu ayina ssente entuufu n'obudde obutuufu ebimutwaala mukifo ekyo, era nga ekiseera bwekituuka eky'okutambula, bwa'tuuka mukifo ekyo teyewuunya. Lwansonga waali mutebenkevu era mukakkamu, lwansonga yatwaala obudde bwe okweteeka teeka.

Mungeri yemu, omuntu ow'okubiri nga yye mulagajjavu nyo mukwetegeka era nga yye mugayaavu paka nga akaseera katuuse ak'okusibuula. Najja atuuka gya'laga nga atidde era nga asobeddwa. Nga obulagajjavu bwe mukweteeka teeka kumuviiriddeko enkomelero eyentiisa, nga emirimu gyonna gya'genze najjo nga tejimugasizza.

Allah (Katonda) bweyali anyonyola kukikolwa ky'omuntu oyo, yagamba:

> ***"Okutuusa okufa lwe kujjira omu ku bbo, n'gamba nti ayi mukama omulabirizi wange munzizeeyo (ku nsi). Mbe nga nkola emirimu emirungi mwebyo byessaakola, si bwe kiri mazima kyo kigambo bugambo yye kyayogera".***
> **Kuraane 23:99-100**

Era musse essira kunnyanukula yaabo abaakakatibwaako omuliro, webaabuuzibwa ebibuuzo kunsonga lwaaki bali mu muliro:

> ***"Baliddamu ne bagamba nti: Twaalinga tetusaala, era tetwaaliisa nga banaku. Era twaalinga twenyigira mu bigambo ebitali bituufu awamu n'abo abaabyenyigirangamu. Era twaali tulimbisa okubaawo kw'olunaku lw'okusasulwa, okutuusa essaawa y'okufa ne tufa."***
> **Kuraane 74:43–47**


Ffenna tulina akaseera akalagaanyise ak'okufa, era ffenna tuli sembezebwa mukifo kyetutalabangako. Webuuze mu mutima gwo – neteese teese ekimala nga sinnasisinkana lunaku olwo?

CONTENTS



































# OMUGASO GW'OBULAMU

> "Abaffe mwalowooza nti mazima ddala twababkola lwa muzannyo; era nti ddala mwe temuli ba kudda gyetuli?
> **Kuraane 23:115**

Obulamu kigezo ekikomekkelera n'okufa, naye kino tekitegeeza nti y'enkomelero y'okubaawo kw'omutu. Okufa bwekuba kutuuseewo, omulyango gw'okukola emirimu emilungi guba guggaddwaawo. Kiba kikeerezi okwenenya, era enkomelero yaffe eba ejjakubalibwa nga esinziira kwebyo byetwakola nga tukyaali balamu. Obulamu bw'omuntu buteekulwaamu emiteeko ebiri: ekiseera ekitono ennyo ekyokunsi, n'ekiseera eky'obulamu obuddako nga tumaze okufa. Oyo yenna eyawangaala nga yeyisa bulungi ajja kubeera mukwesiima okw'olubeerera okusinga okwesiima kweyalimu okwaali okw'akaseera akampi kunsi.

Allah (Katonda) yatonda omuntu; nga omuntu oyo yavunanyizibwa ku bikolwa bye oluvanyuma lwa Katonda okutuwa eddembe ely'obwebange, era naatuwa amagezi agaawula ekibi n'ekirungi. Singa tewaaliyo bulamu buddako oluvanyuma lw'okufa nga ebikolwa ebirungi mwebigenda okusasulibwa n'ebibi mwe bigenda okubeera nga bibonelezebwa, ekyo kyandikyankalanyiza enamula ya Allah (Katonda) kulunaku olw'okulamulwa.

Kino nekibeera nga kiteekawo obwetaavu bw'okulamulwa nti walibaawo ku lunaku lw'enkomelero n'okubalibwa kubuli mwoyo kwekyo (emirimu) kyegwakola.

***"Abaffe, tuyinza okufuula abasiraamu abeemaliza gyetuli nga abonoonyi?, mubadde ki mmwe? Okulowooza nti muliba kimu n'abakkiriza mukulamulwa?***

**Kuraane 68:35–36**

# OLUNAKU LW'OKULAMULWA (OKUBALIBWA)

***"Bagambe (Gwe Muhammad Swalla llahu Alaihi Wasallam) nti: Mazima olumbe olwo lwe mudduka kikakafu lwo lwa kubasanga, oluvannyuma mulizzibwa eri Katonda amanyi eby'ewala, ebitalabikako n'ebilabikako, n'abategeeza ebyo bye mwalinga mukola ku nsi."***

**Kuraane 62:8**

Buli muntu ebikolwa bye mubulamu (munsi) biwandiikibwa era bitelekebwa nga Allah bwagamba:

***"Ekitabo ky'emirimu ekya buli omu ne kissibwaawo. Olwo n'olaba abonoonyi nga balumwa ku lw'ebyo ebirimu, nga bagamba nti: abange ffe zitusanze ffe! Kitabo kya ngeri ki kino ekitalekaayo kintu kitono oba kinene wabula kikikomekkereza! Ne basanga ebyo byonna bye baakola nga mweebiri, era Mukama wo taliryazaamaanya muntu n'omu."***

**Kuraane 18:49**

CONTENTS




Tujja kwewuunya kulunaku olwo obunji bw'ebikolwa byaffe ebyaterekebwa, era tujja kujjukizibwa ebyo byetwakola nga twabyelabira dda.

Allah atugamba nti: "Katonda yabiwandiika n'abikakasa ate bbo nebabyerabira"

***Kuraane 58:6***

Bw'ofumiitiriza enyo ku lunaku luno, kiba kiyina okukuleeta ensonyi okukola ezzambi lyonna nga okimanyi bulungi nti lijja kuwandiikibwako era lijja terekebwa era lijja kwanjulibwa ku lunaku olw'okulamulwa mu maaso ga Allah (Katonda).

Eri abo bonna ababuusa buusa obusobozi bwa Katonda obw'okumuzuukiza n'okulamulwa, Katonda ategeeza abakaafiiri nti:

"Ani alizuukiza amagumba nga nago gamaze okuba amamulungufu? Gamba nti (Gwe Muhammad (Swalla llahu Alaihi Wasallam): Agenda kugazuukiza Oyo Katonda eyagatandikawo omulundi omuberyeberye. Naye Mumanyi ku buli kitonde."

***Kuraane 36:78-79***

# EJJANA N'OMULIRO

Abo abakkiriza mubw'omu bwa Katonda nti yekka yateekeddwa okusinzibwa, era nebakola emirimu emirungi, bajja kusasulwa nampeera ya kuyingira mu jjana (enju ey'emirembe).

"Ddala bannannyini kuyingira ennyumba ey'emirembe (Jjana) olwaleero bali mu kutawaana nga beeyagala n'okusanyuka mu buli kyebakola, Bbo ne bakyaala baabwe, baliba mu kisiikirize nga beesigamye ku bitanda ebiwunde; Balina mu yyo ebibala ebya buli kika era balina okufuna buli kyonna kye baasaba."

***Kuraane 36:55-57***

Omubaka Nabbi Muhammad (Emirembe n'ebyengera bibeere kuyye) yanyumya nti Katonda Yagamba nti:

***"Nteekedde teekedde abo abaddu bange abakozi b'emirimu emilungi ebyo amaaso gaabwe byegatalaba ngako, era ebyo amatu gaabwe byegatawulira ngako, nga n'emitima jaabwe tejiyinza bifumiitirizaako"***

Ate kilibeera kyanjawulo eri abo (abakaafiiri) abawakanya obw'omu bwa Katonda. Abaligambibwa nti:

"Ogwo gwemuliro Jahannamu ogwo gwe mwalinga mulaganyisibwa! Mugweesogge olwaleero olw'ebyo bye mwabanga muwakanya."

***Kuraane 36:63-64***

CONTENTS






Eri abo abajeemu (abakkaffiri) kiribeera ekibonelezo ekikakali:

"Mazima omuliro Jahannamu weeguli gulindiridde abonoonyi, Nga bwe budde obw'abajeemu, Baakugutuulamu byeeya na byeeya siba kuvaamu. Tebalikomba ku mpeke ya tulo wadde eby'okunywa ebiweweevu, tebagenda kufuna bunnyogovu ku mitima gyabwe, Wabula okunywa amazzi, olweegye n'amasira ag'olusaayisaayi, Nga y'empeera entuufu esaanira ebikolwa byabwe ebibi byebaakola! Mazima bbo baali tebasuubirayo kubalibwa. Ne balimbisanga ebigambo Byaffe obulimbisa. Nabuli kintu twakikomekkereza ne tukiteeka mu buwandiike. 'Mukombe ku kibonerezo, empeera y'ebikolwa byammwe, tetujja kubongera kirala wabula bibonyo bonyo."

***Kuraane 78:21-30***

# OKUFUNDIKIRA

"Owange gwe  Omuntu! Kiki ekyakugayaazanga ku Katonda wo Omugabi (ne weetantala okumujeemera)? Oyo eyakutonda n'akutereeza era n'akwenkanyankanya; Mw'ekyo kyonna ekifaananyi kye yayagala yakugatta, Nedda wabula mulimbisa Olunaku Olw'okusasulwa.„

***Kuraane 82:6-9***

Okufa tekwewalika. Omugaso gwaffe mu bulamu gwa kusinza Katonda omu yekka, okukola ebikolwa ebitukirivu n'okwewala ebyo byona ebyaganibwa. Enkomelero yaffe esalibwaawo kusinzira kweebyo bye twaakola ebyayita, nabwekityo oba tukozesa emikisa gyaffe kuno kunsi tusobole okufuna ekifo ekitaggwaawo ku lwaffe mu Ggulu, oba tusobola okubyonoona netwesindika ffe ffenyini mubibonerezo by'omuliro.

***Mazima Abalongoofu balibeera mu byengera; Ate mazima bbo abonoonefu baliba mu muliro.***

***Kuraane 82:13-14***

Part of the

مركز المعلومات الإسلامي
Islamic Information Center
للتعريف بالإسلام

# ISLAMIC e-LIBRARY

Learn more about Islam with our informative and educational materials, translated to over 50+ languages

Quran Flyers Books

iicdxb.com/flyers

@islamicicdxb